EBIKULU KU BIZINENSI ENNUNGI

Omusomo ogutegekeddwa okulaga **engeri katonda gy'ayinza okuwaamu ensi** omukisa okuyita mu bizinensi.

Kiwandiikiddwa Karin Tucker

Muzadde wa baana bataano, ayagala nnyo okukola ate y'omu kubakulira CLIP Software, LLC, CLIP Lawn Care LLC, ne CLIP Lawn Care of Middle TN, LLC.

Tukwanirizza mu musomo ogukwata ku bikulu ku mulimu omulungi!

Bizinensi ziri buli wamu! Tunuulira w'oli. Okuggyako nga obeera mu kibangirize ewatali kintu kyonna kikwetoolodde. Weetooloddwa ebintu nga waliwo eyabikola, okugeza nga kkompyuta yo, engoye, amaka go, emmere yo, osaana kwebaza bizinensi ezivaamu ebintu byonna byolina. Ebiseera ebisinga bizinensi zirabikanga ensibuko y'ebibi n'okuyaayaanira ensmbi era newankubadde kituufu nti abaantu abakzi ba sente basobola okubeera abakyamu, naye bizinensi ezo mukisa okuva eri Katonda gwe tulina okwebaliza.

Engeri omusomo guno gye gutekeddwamu

Mu katabo kano, amasomo gategekeddwa mu nnaku. Buli lunaku ojja kusoma essomo lyakwo era ogoberere ebiragiro. Amagezi ge nkuwa, fulumya omusomo gwonna mu kyapa, ogutegeke mu miteeko esatu olwo osobole okujjuzaamu eby'okuddamu. Omusomesa ajja kukebera omulimu ogukoleddwa buli luvannyuma lwa nnaku ttaano. Omusomesa ajja kwekeneenya by'okoze okulaba oba okola omulimu gw'otwala ewaka era n'okukubaganya ebirowoozo ku by'osoma. Nsuubira kino kijja kwanguya buli kimu eri omusomesa n'omuyizi.enteekateeka eno ekoleddwa mu nnaku amakuni ana mu ttaano. Bw'obeera oyagala okweyongerayo okusoma okumaliriza ge nkuwa ga kusoma ekimu ku bitabo ebiri ku lukalala lw'ebitabo ku nkomerero y'omusomo guno era okole ne alipoota. Osobola era okulaba ebifa ku bannabizinensi ku mukutu gwa 'Hisory chanel about Businenss' era okole ne alipoota. Okukyalira bizinensi z'abantu mu kulabula nakyo kya nkizo. Bw'oba osobola okukyalira munnabizinensi omukuukuutivu nga Henry Ford, gendayo.

Tujja kuba tusoma akatabo kamu mu musomo guno. Nkusaba gula ekiabo kino obeera nakyo bulindaala. Kya ttunzi at'era osobola okukigula ku Amazon. Ekitabo kiyitibwa "The Go Giver". Osobola okukisanga ne ku kibanja kino;

https://www.amazon.com/Go-Giver-Expanded-Little-Powerful-Business/dp/1591848288/ref=sr-1-1?ie=UTF8&qid=1548432924&sr=8-1&keywords=go+giver

Ekitabo kino era osobola n'okukisanga ku mu lulimi olusipaana, kiyitibwa "Dar Para Reeiber" era osobola okukisanga ku kibanja kino;

http//www.amazon.com/Dar-para Recibir-Bob-Burg/dp/8492452072

OLUNAKU OLUSOOKA

Essomo – Bizinensi mukisa !

Tunuulira ebikwetooloodde! Bizinensi ziri buli wamu. Engalama ekuli waggulu, wansi w'oyimiridde, kkompyuta ekuli mu maaso, ebibajje ebikwetooloodde, bono

byonna byakolebwa bizinensi! Ebintu bingi ebyayitibwamu okukutuusaako ebintu ebyo. Okunoonyereza, amateeka ku bwannanyini, okufunamu ebikozesebwa, okuzimba, okukola ebintu, okunoonya akatale, n'okutunda , bino byonna biyitibwamu nga ekikoleddwa tekinnakutuuka ku lujji lwo.

Okuviir ddala ku ntandikwa , Katonda yatulagira okukola ennaku mukaaga buli ssabbiiti. Yatukola n'obutetenkanya era n'atugamba tugende tujjuze ensi. Yagala tukole era tukozese obutetenkanya bwaffe okuyamba abalala n'okwegabirira.

Nandiyagadde okutwala akaseera okukubaganya ebirowoozo ku yaafeesi ya "The marvel of U.S Patent". Nga tewannabaawo mateeka ku bwannannyini, kyabeeranga kizibu okukuuma obuyiiya bwo. Singa wabeeraga olina ky'ovumbudde era n'ogezaako okukitunda oluvannyuma lw'emyaka gy'okunoonyereza n'obuozi, omuntu omu yayinzanga okukigula, okwokyamu, n'okukitunda nga talina kantu konna k'akuwadde. Kyakendeezanga obwagazi bw'abantu okuyiiya ebintu era kyaleetera bayiiya okwagala okukweka ebyama byabwe. Yafeesi ya "The U.S patene" ykyusa ebyo byonna. Wayinzanga okuwandiisa obwannanyini bwo era ng'oyinza okufulumya eky'aamaguzi kyo nga tewali kutya kuvuganyizibwa. Wadde nga amateeka ku bwannanyini tegaawangaala lubeerera, gaakuwa entandikwa ennene. Okukomya amateeka ku bwannanyini, kyaggulira obuyiiya obw'amaanyi olwo nga n'omulala yayinzanga okubukulaakulanya. Kino kyaleetera obuyiiya okuggulira mu America. Twalemererwa okusiima enkola eno ensuffu ey'okukuuma eddembe ku bwannannnyini n'ebirowoozo.

Nzikiriza nti bizinensi kya magero okuva eri Katonda. Tunuulira kye kyetaagisa okukola akntu akangu nga chips. Omulimi asimba obummonde mu ttaka-mangu si kyo? Naye lindako! Lowooza ku tulakita n'ebikozesebwa okubusimba. Ekyuma ekikola tulakita kiyina kuba kyasimibw kuva mu ttaka nga beeyambisa ekyuma

ekirala, ekyuma kisaanuusibwa era ne kifuulibwa ebbaati erikozesebwa kukola tulakita. Ekyuma eky'enjawulo kikozesebwa okusala n'okuywokya okubigatta awamu. Okuwundibwa okugi n'okuteekateeka bigenda mu kusimba ebyuma. Amafuta n'ebintu ebirala ebivaako biggyibwa mu ttaka okukola emipiira, entebe n'ebitundu by'emotoka ebirala. Dye akolebwa okuva mu bimera okuteeka langi ku mitto era langi ekolebwa okuziyiza emitto okutalagga. Olowooza bwa nnannyini bwa mirundi emeka ne bizinensi ezikozeseddwa okusimba obusimbi obummonde! Era ddala n'ebyuma ebirala bongi ebikozesebwa okufukirira ennimiro n'okukungula obummonde.

Emmotoka (ob'olyawo eggaali y'omukka) ejja kukozesebwa okutwala obummonde ku kkolero. N'olwekyo, obummonde butuuse ku kkolero. Ekkolero eryakolebwa bizinensi ezirina amateeka ku bannanyini n'eby'obugagga eby'omuttaka. Obummonde buyiibwa mu kataasa omuli amazzi okubwoza era ekyuma ekisitula kibuggyamu olwo olugendo nga luandike. Butwalibwa mu kyuma eky'enjawulo ekirina lezar esunsulamu obummonde obufu. Okubajjula, okusalaasala, okufumba, okusiika, okuteekamu ebirungo byona bikolebwa nga obummonde butambulira mu kyuma awatali mukono gwa muntu kubukwatako. Bakagezimunnyo n'amateeka g'obwannanyini abali emabega w'ebyuma bino bazibu okutegeera. Chips olwo zikka nga zita mu mukutu ne zigwa mu busawo. Obusawo buno bukolebwa n'omubiri gw'amafuta kungulu n'olubaati oluweweera munda obubukuuma nga bukumu era nga tebwonoonese. Kkampuni ezimu zikozesa olupapula n'ekintu ekiringa ekisu ky'enjuki munda. Obuyiiya bungi obugenda mu ndabika y'obuveera n'ebigambo eby'okuteekako. Akaveera olwo ne kateekebwamu omukka gwa Nitrogen okuziyiz ebirimu okumenyeka era ne kasibwa okubikuuma nga birungi. Kyaddaaki omuntu ajja okuteeka obuveera mu bookisi era n'abuwanika mu masa. Abaguzi bwe bajja, ekyuma ekisitula ebizito kikozesebwa okubuteeka ku mmotoka. Olwo ne bitwalibwa mu tterekero.

Neetaaga okukuyitramu ebyo ebyetaagisa okukola etterekero? Ekizimbe, ekitabo ky'okuyingizaamu ensimbi, amasa, engeri z'okuterezaamu enva endiirwa nga nnungi, ffiriigi, n'ebinnyogoza byonna byetaaga omulimu munene n'okubiteekeratera. Ekyewuunyisa, oyingira emmotokayo, n'ovuga okutuuka ku tterekero, n'otambula nga bw'oyisa amaaso go mu masa n'olonda akaveera ka chips. Okasasulira, ne bakateeka mukaveera omuntu omu ke yayiiya era n'akola, olwo n'otwala eka. Osala akaveera n'obikkula ng'okozesa makansi eyayiiyizibwa n'olya chips zo eziwooma. Nga bw'ogaaya , weebuuza magezi ki ageetaagisa okukolankatiiyo akatono. Bizinensi mmeka ez'etaagisa okukola ebyuma ebyo byonna, ebidduka, enguudo, n'ebizimbe mw'ogenda n'ogula chips z'oyagala. Kino kye kyewuunyisa ku bizinensi. Abantu abakolera awamu naye nga buli ssekinnoomu aleeta ekirowoozo era ne bagatta amaanyi okuweereza abalala.

Eky'okukola

Mu mulimu guno, njagala wekkaanye ebikwetooloodde. Manya ebyamaguzi byonna ebikwetooloodde. Lowooza ku bizinensi ezaakutuusaako ebintu bino. Weebaze mukama olw'ebintu ebikolebwa byokozesa buli lunaku.

Wandiika mu bufunze ku by'okuyiga bino wammanga;

Omanyi okufna ekintu kye kitegeeza? Kiddemu wano wammanga;

……

……

……..

OLUNAKU OLWOKUBIRI

Eky'okukola

Nyonnyola amakulu g’ebigambo bino. Kozesa ekinnyonnyolo ekisooka mu nkuluze olwo osome emboozi eyo wammanga.

Akalimu akakuwummuza

……

……

……

……

……

……

Okwewanika

……

……

……

……

……

……

Ebigwawo nga birina akakwatane

……

……

……

……

……

……

Olugero luno lukwata ku ngeri y'okukolamu ekkalaamu enkalu. Efaanagana n'eri ey'obummonde obusiike. Eno emboozi emanyiddwa nyo era nga yawandiikibwa Leonard E Read. Ewandiikiddwa ng'eraga nga ekkalaamu enyumya. Mboozi y'amaanyi nnyo mu birombojje era nga emanyiddwa nnyo abayizi b'essomo ly'ebyenfuna.

Njagala ddala olowooze ku mirimu gyonna egyibaawo mu kukola ekintu ekiyinza okulabika ng'ekitono era n'engeri gye kireetera byonna okubaawo. Bizinensi kirabo okuva eri katonda! Singa wabeera waliwo ebigambo byotomanyi, biwndiike wammanga era obinoonyerezeeko oluvannyuma mu nkuluze.

Nze Kalaamu,

Olunyiriri lwange nga Leonard E. Read bw'agambibwa.

Nze kkalaamu nkalu eno eyabulijjo emanyiddwa abawala n'abalenzi n'abakulu abamanyi okusoma n'okuwandiika. Okuwandiika buvunaanyizibwa bwange ate era mwe mpummuliza ebirowoozo, ekyo kye nkola. Oyinza okwewuunya lwaki mpandiika ku byafaayo by'abekika kyange. okusookera ddala, emboozi yange nnyuvu, n'ekirala ndi kyewuunyo okusingira ddala omuti oba enjuba egolooba oba akamyanso. Naye eky'ennaku, abankozesa tebantwala nga kya mugaso bw'oggya nti nagwa bugwi sirina binkwatako. Okuwulira nga atalina mugaso kinzisa mu kifo kya wansi ddala. Kino kye kika okuva mu mulembe ogw'ennyiike omuntu mw'atayinza kuwangaalira awatali mutawaana. Ye omugezigezi G.K Chesterton yagamba bw'ati; "Tusaanawo lwa kwagala kyewuunyo so si kwagala byewuunyo".

Nze Kkalaamu, mu bwangu nga bwe ndabika nkutuusa ku kyewuunyo ne nkuwola ebbanja lye nja okukulaga bwe lijja. Mu butuufu singa osobola okuntegeera, nedda, ekyo kinene okukibuuza omuntu. Singa osobola okumanya ku byamagero bye njolesa, osobola okutaasa eddembe omuntu ly'afiirwa. Nnina essomo ery'amaanyi ery'okusomesa era nsobola okusomesa essomo lino okusinga

n’emmotoka oba ennyonyi oba ekyuma ekyoza ebintu kubanga ndabika ng’omwangu ennyo.

Ndi mwangu? Kyokka nga teri wadde omuntu omu ku nsi kuno amanyi kunkola. Kino kiwulikika bulungi, si kyo? Naddala nga kizuuse nti waliwo akawumbi kamu ak’abanfaanana abakolebwa mu America buli mwaka.

Nkwata ontunuuliire. Kiki ky’olaba? Si kyamaanyi kyolaba, waliwo ekiti, akalimi, ebigambo, langi, akuumayuma n’ekisangula.

Ab’olulyo Abagenzi kafukunya.

Nga bw’otasobola kujjukira ba lulyo lwo kuva emabega ddala, nange era tekisoboka kumenya na kunnyonnyola ba lulyo lwange ab’emabega. Naye nandiyagadde okukumenyerako abamu nkusanyuse era nkulage obugagga n’obugazi bw’olulyo lwange.

Olulyo lwange lutandikira ddala ku muti, omuti omwagagavu oguli mu mambuka ga California ne Oregon. Kati lowooza ku misumeeni n’ebimotoka n’emiguwa n’ebintu ebirala ebikozesebwa mu kusala n’okuteeka enduli z’omuti guno ku byuma ebigitambuza. Lowooza abantu bonna n’obukugu obukozesebwa mu kukola ebintu, okusima amafuta, okukola ebyuma,n’okubirongoosa okufunamu emisumeeni, embazzi, emmotoka, okulima ebigoogwa n’okubifuula emiguwa egy’amaanyi. Ebifo we batereka enduli n’ebitanda byazo, ekiyungu n’okuteekateeka emmere yonna. Lwaki, abantu bangi be batakugamba abalina omukono mu kukola caayi abeetikka enduli gwe banywa. Enduli zino zitwalibwa ku kyuma ky’emiti mu San Leandro, California. Osobola okwefumiitiriza ku bantu abaakola ebimotoka ebyetikka emiti, eggaali y’omukka n’enguudo z’eggaali y’omukka n’abo abakola ku kuzimba eby’empuliziganya. Bino ebiwayi byonna biri wansi w’abaalulyo abaafa.

Tunuulira kkampuni y’emiti, mu San Leandro. Enduli z’emiti zisalibwamu obutundu obutono, mu buwanvu bw’ekkalaamu obutasukka yinci nnya omubiri. Obutundu buno bukazibwa olwo ne buteekebwako langi ng’abakazi bwe bagiteeka mu maaso. Abantu baagala nfaanane bulungi nneme kweruukirira. Obubajjo obukoleddwa bufuuyirwako wax era ne buteekebwa mu kyuma ne bwongera okukazibwa. Bumanyirivu bwa mirundi emeka obulabikira mu kukola langi n’ekyoto, okusaasaanya ebbugumu, ekitangaala n’amasannyalaze, enkoba, ebyuma ebyetooloola n’ebintu ebirala ekyuma ky’emiti bye kyetaaga. Abeezi abeera mu kyuma bamu ku bajjajjange? Ddala, n’abateekebwamu abalala basajja abaayiwa enkokoto y’ekinnya ky’amazzi era Pacific Gas ne kkampuni y’amaannyalaze ewa ekkolero ly’emiti amasannyalaze.

Tonyooma bajjajjange baliwo n’abali ewala abalina omukono mu kutambuza ebimotoka enkaaga ebitisse obubajjo okwetooloola eggwanga.

Lwali lumu mu kkolero ly’ekkalaamu, ensimbi obukadde bwa ddoola buna okuva mu byuma n’ebizimbe olw’okukekkereza n’okutereka bw’akungaanyizibwa bazadde bange. Buli kabajjo kateekebwamu akatuli nga bakozesa ekyuma, oluvannyuma ekyuma ekirala ne kiteekamu akalimi mu buli kabajjo ne bateekamu amasanda, era ne babikkako akabajjo akalala ku ngulu, akalimi olwo ne kalabika okwogera. Nze ne baganda bange musanvu twakolebwa okuva mu bubajjo buno.

Akalimi kange kokka, tekalina L iidi mu kko, bizibu. Gulaafayiti, ayiikuulwa mu Ceylon. Laba abayiikuula eky’obugagga kino n’abo abakola ebikozesebwa okuyiikuula n’abakola obuveera obutambulizibwa Gulaafaayiti wamu n’abo abakola obuguwa obusiba obuveera n’abo ababiteeka ku mmeeri n’abo abakola emmeeri n’abakuuma ebiyumba mu kkubo bayambako mu kuzaalibwa kwange n’avuga ebidduka.

Gulaafaayiti agattibwamu ebbumba okuva mu Mississipi olwo Amoonia n'akozesebwa okubilongoosa. Olwo ebikaza ne biteekebwako nga 'Sulfonated tallo' amasavu g'ebisolo agatabuddwa mu asidi. Oluvannyuma lw'okuyita mu byuma ebiwera, ekikoleddwa kifaanana n'ekintu ekifulumye nga tekiggwaayo kiri nga 'sausage' kikazibwa era ne kifumbibwa okumala essaawa eziwera ku bbugumu lya digiri lukumi mu lunaana mu ataano. Okwongeza obugumu n'okuweweera, obulimi bufuuyirwako n'omukka ogwokya ogwa 'Candeilla' okuva mu Mexico, amafuta g'ettaala, n'amasavu.

Omuti gwange gufuna ensusu za langi mukaaga. Omanyi ebirungo byonna ebiri mu langi? Ani yali akirowooza nti abalimi b'ekimera kya 'Castor' n'ababirongoosa nti banaabeera kitundu ku mulimu guno? Mwebali. Lwaki n'emitendera langi mwefuulibwa eya kyenvu mulimu obukugu obw'abantu ab'enjawulo okusinga omu bw'ayinza okukikola.

Tunuulira okuteekako ebigambo. Olwo lutambi olukola ebigambo nga 'Carbon' atabuddwamu 'Resin' n'oyisaako omuliro. Okola otya 'Resin' na lwaki 'Carbon' muddugavu?

Akatundu kange ak'ekyuma, akatuulamu akasiimuula, kava mu 'Brass'. Lowooza ku bantu abayiikuula 'Zinc' ne 'Copper' n'abo abalina obukugu obukola akabaati ako akatemagana okuva mu byuma bino. Obuweta obuddugavu obunneetoolodde bwo buva mu 'Nickel' omuddugavu. 'Nickel' omuddugavu y'atya era akozesebwa atya? Olugero lwonna olunnyonnyola lwaki mu makkati wo tewabeerawo 'Nickel' luwanvu okunnyonnyola.

Waliwo engule yange ey'ekitiibwa, mukunyoomerera kye bayita 'The Plug', akatundu omuntu ke yeeyambisa okusiimuula ensobi z'abeera akoze ng'ankozesa. Ekirungo ekiyitibwa 'Factice' kye kikola omulimu gw'okusiimuula ensobi. Kyefaananyiriza ekikoba ekikolebwa okuva mu kugatta ensigo za 'Rape' eziva mu

buva njuba bwa Budaaki nga mulimu ne ‘Sulpher’. Olukoba okwawukanako nga bwe tumanyi nti lusiba busibi. N’era waliwo ebintu bingi ebyongera okuguma. ‘Pumice ava mu Italy, n’ekirungo ekiwa ‘Plug’ langi ekya ‘Camium sulfide’.

Tewali n’omu amanyi

Waliwo omuntu yenna ayagala okuwakanya kye nasoose okwogera nti tewali muntu n’omu ku nsi kuno ayinza kunkola?

Ekituufu, abantu bukadde ab’enyigidde mu ku kolebwa kwange, tewali ku bo amanyi kisukka ku kya munne. Kati, oyinza okugamba ngenze wala mu kwegeraageranya ku banoga emmwanyi mu Brazil n’abalima emmere olw’okukolebwa kwange nti ndi wa nkizo. Nsigala nnyimirira ku kyenayogera. Tewali muntu n’omu mu bukadde n’obukadde bw’abantu nga mwotwalidde ne ssenkulu wa kkampuni, amanyi kusukka mutendera gumu mu kunkola. Okuviira ddala ku nsonga yange eya kiba kitya, enjawulo yokka wakati w’omusimi wa ‘Graphite’ mu ‘Ceylon n’owenduli mu Oregon eri kika kya manyi ntya. Si musimi wa byabugagga yadde ow’enduli asobola kufuna kisinga mutabuzi wa ddagala mu kkolero oba akola mu kirombe ky’amafuta nga amafuta g’ettaala gava ku mafuta.

Gano ge mazima ageewuunyisa, si mukozi mu birombe by’amafuta yadde omutabuzi w’eddagala oba omuyiikuzi wa ‘Graphite’ oba ebbumba oba oyo yenna akola amaato oba eggaali y’omukka, oba ebimotoka ebitambuza oba atambuza ebyuma mu kkolero ebitona akatundu k’ekyuma ku nze oba ssenkulu wa kkampuni akola omulimu gwe ogumu kubanga anjagala. Buli anjagala kitono, oboolyawo okusinga omwana ali mu ddaala erisooka. Kituufu, waliwo abamu okuva mu nkuyanja abatalabanga ku kkalaamu yadde n’okumanya bwe bagikozesa. Amaanyi gaabwe tegali ku nze. Oboolyawo kiringa kino; buli omu ku bukadde bw’abantu buno alaba nga ayinza okuwaanyisa amagezi gammanyiiko okufuna byayagala, nyinza okuba oba obutabeera ku byayagala.

Tewali kagezimunnyo

Waliwo amazima era ageewuunyisa, obutabaawo kagezi munnyo asalawo oba akola mitendera gino eginfuula omuntu mu buwaze. Tewali muntu ng'oyo w'oyinza kumusanga. Okuggyako, nga tuzudde ayambako atlabika ku mulimu. Kino kye kyewuunyo kye nakujulizza okusooka.

Kibadde nga ky'ogerwa nti, "Katonda yekka y'asobola okukola omuti", lwaki tukkiriziganya na kino? Kituufu, ye tusobola okunnyonnyola omuti kye ki? Tetusobola, okuggyako nga tunnyonnyolako kye tulaba. Tusobola okugamba, okugeza nga nti waliwo obutaffaali obwegattagatta ne bukola omuti. Naye ndowooza ki eri mu bantu esobola okuwandiikibwa nga ennyonnyola enkyukakyuka mu butaffaali obutambulira mu bulamu bw'omuti? Ekyo tekirowoozeka nako!

Nze Kkalaamu, nkolebwa ebintu bingi ebyewuunyisa nga; omuti, 'Zinc', 'Copper', 'Graphite', n'ebirala. Naye ku byamagero bino ebyekola byokka mu buttonde, ate eky'amagero eky'enkizo kigattibwako; omuyungiro gw'amaanyi g'abantu abayiiya, obukadde bw'abantu nga buli omu alina ky'amanyi, abakolera awamu okusobola okuyamba okukola abantu bye beetaaga ne bye bayaayaanira nga tewali kagezimunnyo akiwomyemu mutwe. Okuva lwe kiri nti Katonda y'asobola okukola omuti, nemerako nti ddala era y'asobola okunkola. Omuntu tasobola kuddamu kulungamya nkumuliitu y'abuli alina kyamanyi okunfuula omuntu okusinga agattagatta obutaffaali awamu okutonda omuti. Ekyo waggulu kye ntegeeza bwe nabadde mpadiika nti, "Singa osobola okumanya ebyamagero bye ndaga, osobola okutaasa eddembe omulya mmere ly'afiirwa". Singa omuntu omu amanya nti bino ebya nnina kye manyi bisobola okwesengeka ne bivaamu ekintu eky'omugaso ekisobola okumalawo obwagazi n'obwetaavu nga tewali kuyingirirwa gavumenti oba ba kagezimunnyo. Awo omuntu ajja kufuna eddembe

elyannamaddala ery'ensa; okukkiriza mu bantu ab'eddembe. Eddembe terisoboka nga tewali kukkiriza kuno. Gavumenti bw'ebeera n'obuyinza obwenkomeredde ku bintu ebirimu obuyiiya nga okutambuza amabaluwa yadde abantu abasinga balowooza nti amabaluwa tegasobola kutambuzibwa basajja bateefiirayo. Era eno y'ensonga: buli omu akakasa nti musajja aba tasobola kukola bintu byonna bibaawo kukutuusa Mail….. ye akimanya nti tewali muntu mulala asobola kukikola.bino byonna bituufu. Tewali muntu n'omu alina bukugu bwonna bwetaagisa kutuusa Mail za ggwanga mulala okusinga omuntu amanyi okukola ekkalaamu. Kati, bwe watabeerawo kukkiriza mu bantu abalina emirembe, mu butamanya nti emitendera gino gisobola okukola ebyewuunyo n'okukolagana okumalawo obwetaavu buno omuntu bwatasobola kutuukiriza naye n'akikakasa nti Mail zisobola okutambuzibwa ba kagezimunnyo ba gavumenti.

Obujulizi obungi

Singa nze kkalaamu, nze nzekka eyali akkirizibwa okuwa obujulizi ku musajja n'omukazi kye basobola okukola nga baweereddwa omukisa okugezaako, awo abalina okukkiriza okutono babeera bejjeeredde. N'olwekyo, waliwo obujulizi bungi, byonna biri ku ffe na buli omu okutuusa Mail kyangu nnyo bw'okigeraageranya ku kukukola emmotoka oba ekyuma ekikozesbwa okubala ebintu, oba ekyuma ekikuba ebirime oba ekisa obuwunga oba ebikumi n'ebikumi by'ebintu ebirala bingi. Okutuusa Mail, Lwaki mu kitundu kino abasajja gye baweereddwa eddembe okugezaako, batuusa amaloboozi g'abantu eri ensi yonna mu ddakiika etakka wansi w'emu, baweereza omukolo ku ntimbe butereevu mu maka ga buli omu nga gyigenda mu maaso. Batambuza abasaabaze kikumi mu ataano okuva e Seattle okutuuka e Baltimore mu ssaawa ezitasukka nnya, batambuza gaasi okuva e Texas okutuuka ku buli omu w'ali mu New York ku miwendo gya nsekobuseko awatali kuyambibwako, batambuza amafuta pawunda nnya okuva ku Luwannanda lw'e Persia okutuuka ebuva njuba bwa Seabord mu

masekkati g'ensi yonna ku sente entono ezisinga n'ebisale bya gavumenti kwetambuliza obufuta obutono okwetoloola ekibuga.

Essomo lye nnina okukusomesa lye lino: **Leka amaanyi g'obuyiiya geetaaye**. Kyenkana oteekateeka ekitundu okukkiriza essomo lino.

Leka amateeka g'ekitundu gaggyewo emiziziko gyonna nga bwe gasobola. Kkiriza obuyiiya buno bwetaaye. Beera n'okukkiriza nti abakyala n'abaami abatalina kibakugira bajja kwanukula n'omukono ogutalabika. Okukkiriza kuno kujja kukakasibwa. Nze Kkalaamu, ndi mwangu era mpa ebyewuunyo ku kutondebwa kwange nga obujulizi nti kuno kwe kukkiriza okulabikako nga omusana, enkuba, omuti omwagaagavu, ensi ennungi. Leonard E. Read ye yatandika ekibiina kya 'FEE' mu 1946 yaliko ssenkulu waakyo okutuusa okufa kwe. Nze Kkalaamu, ekiwandiiko kye ekyayatiikirira, kyasooka kufuluma mu 1958 ku nsonga y'omuntu alina eddembe. Newankubadde waliwo ebitonotono ebikyuse ku bikwata ku nfuluma yaakyo n'amannya g'ebifo ebimu gakyusiddwa emyaka ana egiyise, obubaka bwo tebukyuse.

OLUNAKU OLW'OKUSATU

Eky'okukola

Londa omutwe wammanga oguwandiikeko.

Omutwe omwangu - Omulimu gwa mugaso nnyo mu kweyimirzaawo…….

Omutwe ogusoomooza - Okuleeta ebyamaguzi ku katale kibeera kitya ekyamagero kya Katonda?

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW'OKUNA

Essomo- Kikyamu okubeera omugagga?

Waliwo endowoza esensedde empola mu bitundu byaffe nti bizinensi kibi kyenyini. Tusobola okulaba kino mu Hollywood omulamwa gwa munnabizinensi omubi we gulabikidde ennyo. Kino twakiraba emyaka egiyise n'okuwakanya 'wall street'. Abakenkufu mu zi yunivaasite nabo bongereza ku bigambo ebyo okuyita mu kusomesa nga bawakanya obwegassi n'okukozesa sente. Ddi lwe wasemba okulaba firimu nga omugagga ye muzira nga mu firimu ya 'It's a Wonderful Life'? naye waliwo abagagga ababi, kyokka zo bizinesni zaabwe si

mbi. Kirabo okuva eri Katonda kye tulina okukozesa okuweereza abalala n'okwetuusaako bye twetaaga. Eby'obugagga mukisa okuva eri Katonda by'ofuna bw'otyo ate era okuba omugagga tekirina kutunuulirwa nga ekibi.

Aba Isiraeri bamanyi bulungi endagaano yaabwe enkadde. Rabbi Lapin ye mu Isiraeiri eyasalawo okukola mu kifo ky'okuggya sente ku bagoberezi be. Yawandiika ekitabo ekiyitibwa, "Thou Shalt Prosper" ekyogera ku ndagaano enkadde kyegamba ku sente. Nkisemba nnyo. Yagamba nti aba Isiraeiri tebalina buzibu ku kufuna sente na kulwana kugaggawala, ayogera ku ngeri nti singa owulira nti munda mu gwe nti waliwo ekikyamu ekiri ku sente oba bizinensi, tojja kusobola kwemalirayo. Ojja kuba n'okubuusabuusa nti kyokola kijja kukukosa, si kikulu, oba kya kivve. Kizibu okugaggawala n'endowooza zino.

Ekitabo ekitukuvu kyogera ki ku bugagga? Leka tulabe.

Engero 10:4, "Emikono eminafu gyireetera nnyinigyo obwavu; Naye emikono eminyiikivu, gyireetera nnyinigyo obugagga bungi".

Wano tulaba nti abantu abalagajjavu, abo abalina emikono eminafu baaavuwala, naye abo abakola ennyo beegaggawaza. Mu Ngero mujjuddemu ennyiriri ezivumirira obwavu, abanafu ate n'ezo ezitendereza abo abanyiikivu. Mu lunyiriri olwo waggulu, okukulaakulana kuleetebwa bunyiikivu. Terunenya muntu yenna kufuuka mugagga okuyita mu kukola ennyo.

Engero 10:22, "Omukisa gwa Mukama gwe gugaggawaza, So tagatta buyinike bwonna wamu nagwo".

Njagala nnyo engero. Ziba zikola. Wano tulaba nti obugagga mukisa okuva eri Katonda. Kino kiyinza okwewuunyisa abantu abamu. Obugagga si kye kintu kyeweewala, naye ekirabo okuva eri Katonda. Ekituufu kiri nti tateeka buyinike

bwonna ku bugagga. Alaga obubonero nti obugagga obulala oboolyawo obugyiddwa mu kwonoona, oba mu kulya enguzi busobola okuleeta obuyinike.

1 Ebyomumirembe 4:10, “ Yabeezi n’akaabiriranga katonda wa isiraeri, ng’ayogera ntiSinga ompeeredde ddala omukisa, n’ogaziyaensalo zange, era oba nga omukono gwo gunaabanga nange n’onkuumaobutalaba bubi, buleme okunnumya omwoyo! Katonda n’amuwa kye yasaba.

Ensonga gye njagala okukulaga wano eri nti, Yabeezi yasaba katonda amuwe omukisa amugaziyise ensalo, mu biseera ebyo ettaka bwabeeranga bugagga. Katonda yakimuwa.

Waliwo abantu bangi mu bayibuli Katonda baasuubiza okuwa obugagga-Abraham, Yosef, Daudi, Solomon, Yobu …abagezigezi baali bagagga, abakazi abagagga baayamba Yeesu, omusajja omugagga yawaayo entaana ye baziikem omubiriri gwa Yeesu. Katonda tavumirirra bugagga, ekituufu agamba mukisa okuva eri ye.

Nzikiriza nti bizinensi zandibadde zitunuulirwa nga obuweereza eri abalala. Nandyagadde okuggya akaboozi mu, “ Thou Salt Prosper” akalaga kino oulungi.

“Omu ku bakabona b’aba Israeri ayitibwa Ben Zomah, lumu yeesanga mu bantu abangi, abamu ku baali bamwetoolodde baali beemulugunya ku nkokola ezaali zibakubiddwa abantu. Ben Zomah yabasekerera nnyindo yankilera n’agamba nti, Lowooza ku ki Adam kye yalina okugumiikiriza nga tannaba kulya mugaati”. Yalima, n’asiga, n’akungula ebirime n’abikuba ea n’abiwewa n’alongoosa amatu n’ekifo. N’akanda, n’asiika, ouvannyuma ku nkomerero n’alya newankubadde nzuukuka kumakya ne nsanga ebintu bino byonna nga babinkoledde. Adam yalina kukola ki okufuna eky’okwambala? Yalina okusalako endiga ebyoya n’abyoza, n’abikunya era n’abisanirira. Nkeera nkya ne nsanga nga ebintu bino byonna babinkoledde. Abakola ebitu bonna bajja ku luggi lwange ne bampa byonna bye nneetaaga.

Kireetera omuntu okutunuulira omutunzi mu ngeri ey'enjawulo si bwe kiri? Naye nedda! Ensonga eri nti bizinensi y'engeri y'okuweerezaamu abalala. Tukola ekintu ne tukiguza omulala, eyo ye bizinensi. Tuweereza omuntu n'atusasula, eyo ye bizinensi. Sisuubira nti Katonda yayagala tweyawule ku bannaffe. Ayagala tweyambeyambe. Bayibyli ekyogera nti tulina okukola ennaku mukaaga tuwummule olunaku olw'omusanvu. Kiki kye tubaako bwe tukola? Era kuweereza balala. Singa tukikola bulungi ate n'amagezi, tuyinza okukulaakulana. Kino kiragiro kya Katonda. Kizibu era oyinza n'okugamba tekisiboka okwetuusaako buli kimu. Ndowooza Katonda yakizibuwaza olw'ekigendererwa. Ayagala twogerezeganye ne banaffe, tuyambagane. Omulimu ogukolebwa mu kkubo lya Katonda mukisa mulungi eri abatu.

Waliwo okulabulwa kungi eri obugagga mu bayibuli ate mba neeryazaamanyizza bwe sikukoonako.

Engero 23:4, " Teweemalaako mirembe ng'oyaayaanira obugagga; weefuge obeere mukkakkamu. Ebyobugagga obikubako eriiso limu nga by'agenze dda, kubanga ddala bimera ebiwaawaatiro ne bibuuka mu bbanga ng'empungu".

Kiki? Wano agamba kukola nga toluubirira bugagga. Nzikiriza nti wano agamba nti obugagga si ye yandibadde ensonga oba ekigendererwa lwaki okola. Ensonga eri nti okola kuba walagirwa okukola mu kiragiro eky'okuna , ekirala, okweyirizaawo (1 Tiimu 4:8), n'ekyokusatu okuweereza abalala. Nkakasa waliyo ensonga endala lwaki Katonda atulagira okukola, naye nze ntutte zino ezikulembedde essatu. Olunyiriri luno lwogera bugagga okuba ez'akaseera obuseera. Bangi abafiiriddwa obugagga mu lutemya lwa liiso nga bababbye, bakoze okusalawo okubi, basuuliridde ebibamba n'ebigwa bitalaze, entalo, eby'enfuna n'ebirala. Bw'oba weesigulia ku bugagga bwo okufuna essanyu,

weesigulira ku kintu ekisaanawo. Okwagala katonda n'okwagala abantu baffe kye kirina okuba ekigendererwa kyaffe. Bwe tubeera n'emmere wamu n'engoye, tulina kuba bamativu. Bwe tuba tulina Yeesu nga omulokozi waffe, tulina essuubi erinaatusomosa okuyita mu buli kimu obulamu kye bukuleetera era bujja kutuleetera bingigye tukoma okuwangaala. Teweesiga bugagga, weesige katonda.

1 Timoseewo 6:17-19, "Lagira abagagga ab'omu nteekateeka y'ebintu eno obuteegulumiza, n'obutaateeka ssuubi lyabwe mu by'obugagga ebitai bya lubeerera, wabula baliteeke mu Katonda atuwa mu bungi ebintu byonna ebitusanyusa. Bagambe bakolenga ebirungi, babenga bagagga mu bikolwa ebirungi, babenga bagabi, bagabanenga n'abalala, bwe bakola bwe batyo, bajja kuba beeterekera eky'obugagga, kwe kugamba, omusingi omulungi gwe balizimbako mu biseera eby'omu maaso, basobole okunyweza obulamu obwa nnamaddala".

Katonda ayagala abagagga era wano abawa amagezi. Amagezi tegakwesiba kubanga oli mugagga beera nga osobola okwogera n'abantu yadde si bagagga nga gwe. Teweesiga bugagga bwo, busobla okuggwaawo mu lutemya lwa liiso. Kola ebirungi ate obe wa kisa eri abalala. Essanyu erisingayo kwe kuba nga olina ekisukka ku kye weetaaga era nga osobola kuyamba abalala. Ku nze kino kye kintu ekisinga ku kubeera omugagga. Kya ssanyu okuyamba abali mu bwetaavu.

Eky'okukola

Koppolola Engero 10:22 ne 1 Timoseewo 6:17-17. Saza kubagagga bye balagirwa okukola.

……

……

……

……..……..……

……

……..……..

……

……

……

singa twali tulina omulimu oguweereza abantu mu bitundu ebyo. Twandiwadde abantu emirimu, tujulira eri abaguzi n'abatuguza ebintu, nga tuyigiriza abakozi baffe bayibuli n'ebirala bingi. Nze ndowooza twandikoze erinnya erirungi mu kitundu n'emirimu egy'eddiini emyesimbu. Twandibaddeko ne kye tuwa ekitundu mu buweereza bwaffe. Okubunyisa engiri kirungi naye era twetaaga okuzimba amasinzizo naye bwoba toyitiddwa Katonda kuzimba Kkanisa, tunuulira kyoyinza okukola okusobola okuweereza abantu mu bitundu gy'otosobola kutuuka eby'ensi engwira ng'oyita mu bizinensi.

Koppolola Engero 10:4. Wandiika engeri ssatu mw'oyinza okuweerereza abalala.

Engero 10:4

Engeri essatu mw'oyinza okuweerereza abalala.

ESOOKA……
……
……
……
……
……
……
……

E Y ' O K U B I R I :
……
……
……
……
……
……

……

……....

E Y ’ O K U S A T U :

……

……

……

……

……

……

Omusomesa by’alina okukebera mu ssabbiiti esooka

Buuza abayizi bo bannyonyole engeri bizinensi gye’ri ey’omugaso mu bulamu n’okubaawo kwaffe. Soma ebiba okuva mu ku lunaku olw’okusatu era okebere olabe oba omulimu oguli mu lunaku olw’okuna n’olwokutaano gikoleddwa.

OLUNAKU OLW’OMUKAAGA.

Essomo- Ebikwata ku bizinensi ku Thomas Edison

Ani yakola ettaala ly’amasannyalaze? Ogambye Thomas Edison? Kirungi, bwe kiba kityo, olimukyamu. Yakolebwa Humphrey Davey. Kati lwaki abasinga balowooza nti yakolebwa Thomas Edison? Edison ye yagyanjulira ensi. Ye yagitereeza era n’agifuula ey’ettunzi. Kye kitegeeza okubaako kyovumbula era n’enjawulo eriwo mu kukinoonyeza akatale. Y’ensonga lwaki okumanya engeri ekintu gye kikolebwa kikulu nnyo.

Edison yazaalibwa mukutulansanja 11, 1847 nga entalo tezinnabaawo. Ye yali omuggalanda mu baana omusanvu. Oluvannyuma lw'okusomera enaku essatu zokka, yaddukayo. Abasomesa be baalowooza yali musiru era ne bamuyita, 'omulalu'. Kya nnaku, nyina yamanya bulungi era yamuleeta okumusomeseza awaka. Edison yayogerako ku nnyina nti, "Mmange namufaanana. Yali wa mazima. Nga anneekakasa. Nkakasa nalina kye nina okubeera olw'obutanyiiza muntu".

Mumazima yali mugezi nnyo, ng'anyumirwa okusoma essomo ly'ebibalo. Yakolanga ku ggaali y'omukka etunda kkandi, ebibala,n'amawulire. Yalinga buli kiseera anoonya engeri y'okukolamu sente era ye yasooka okufulumya eggulire ku ggaali y'omukka. Yabeeranga era alina byagezesa ebyaleetera omuliro ku ggaali y'omukka okukyankalana era ne kimugobesa.

Oluvanyuma yataasa omwana ow'emyaka esatu okulinnyibwa eggaali y'omukka, taata w'omwana (akulira eggaali y'omukka) yamusasula kumusomesa ku kyuma ekifulumya amawulire. Edison yali alowooza era n'asaba okukola ekiro nga emirimu mitono asobole okukola okugezesa kwe. Munaku, era yagobebwa ku mulimu olw'okuyiwa asidi wa baatule ku mmeeza y'omugagga.

Oluvannyuma lwa kino, Edison yayiiya "Quadruplex Telegram" eyasobozesa okusindika obubaka obusukka mu bumu omulundi ogumu. Yayolesa kyazudde mu mukago gwa bulaaya era n'alowooza okukitunda enkumi nnya ku ttaano ezaali ennyingi mu biseera ebyo. Yali teyeekakasa kizitowa kyenkana ki gye bali era n'abawa omukisa ogusooka beesalire sente. Yeewuunya bwe baamuwa omutwalo mulamba ogwa ddoola (emitwalo ebiri mu kakaaga mu bisatu). Yasanyuka nnyo era n'akkiriza sente zaabwe. Tolowooza nti kyali kibi eri omukago gwa bulaaya, baali basobola okutaasa obukadde nga tebataddeewo mikutu gya mpuliziganya mirala.

Sente zeetaagisa okukulaakulanya n'okunoonyeza ebyamaguzi akatale, Edison yasobola okuzimba eggezeserezo lya ssayaansi eyitibwa 'Menlo Park' mu New Jersey. 'Menlo Park' kyali kirowoozo kisuffu! Edison yaleeta bannasaayansi n'abayiiya okuva mu nsi yonna okuyiiya. Mu myaka kkumi gyoka, yali eriddewo ebizimbe bibiri mu kibuga. Yagamba nti yali ayagala okuteekawo buli kintu ekyetaagisa. Olupapula lw'amawulire olwa 1887 lulaga nti eggezeserezo lino lyali liyina "chemicals" ezisoba mu kanaana, buli kika kya mpiso, buli kika kya waya, enviiri z'abantu, embalaasi, embizzi, ente, obumyu, embuzi, abawala, engamiya, engoye mu langi zonna, ebisu, ebigere by'ente, amannyo ga lukwata, ekiyumba ky'enfudu, obusaanikira, 'resin', langi ne woyilo, ebyoya bya maaya, nyonyi muzinge, ebiwujjo, empumbu, ebikoba, n'amayinja ag'omuwendo gonna. Ohh! Nneewuunya enkola ze yayitangamu okuvumbula.!

Haumphrey Davis bwe yayiiya ettaala y'amasannyalaze, yakolayo obudakiika butono. Teyalina nnyo mugaso. Edison yanoonya olulimi oluyinza okwaka akaseera akawera. Oluvannyuma lw'okugezesa ennyo, Edison lwe yalufuna nga lusobola okwakira essaawa kkumi na ssatu n'eddakiika ttaano zokka. Ekyo kyali kisingako, naye era nga si kirungi kimala kuleetebwa mu katale. Nga akkakkanye mu Wyoming okulaba omusana bwe gulwana n'enjuba, yalaba ennimi z'amabanda ku muti gwe yali avubisa. Yasalawo akigezeeko era n'akizuula nti zisobola kumala ssaawa lukumi mu bibiri! (emyezi etaano). Mu kumaliriza, yakola ettaala eyinza okuutundibwa era eyeesigika. Edison yayolesa olwolesa olusooka olw'ettaala gye yali akoze omulundi ogusooka nga 31, ntenvu, 1879, mu Menlo park. JP Morgan n'ateekamu sente. Yagamba nti, "tujja kussa ebbeeyi y'amasannyalaze nti abagagga bokka be banaasobola okukuma emisubbaawa". Ekirabo kyennyini eri ensi. Seetaaga kukugamba nti amasannyalaze buwanguzi bwa maanyi. Mangu ddala Edison yali atandise amakampuni okwetooloola ensi. Edison yali kagezimunnyo mu kuyiiya. Era yali kagezimunnyo mu kukola bizinensi.

Njagala nnyo okusoma ebifa ku bantu si kusoma bantu bwe bakulaakulana kyokka, naye era n'okuyigira ku nsobi zaabwe. Omuyiiya, ayitibwa Tesla (akuvugidde nga gw'omanyi) yavumbula ekika ky'amasannyalaze ekirala. Amasannyaaze amangi (AC). Yakolera Edison naye yaleka olutalo lw'ebbanja. Kino kyali kya mukisa mubi kubanga obuvumbuzi bwa Tesla bwali bulungi mu kutambuza amasannyalaze engendo empanvu. Edison yagezaako okumunafuya, ng'agamba nti kyali kya bulabe eri abantu nti kyali kisobola okutta n'enjovu. Kino kyamuddira. Abantu tebaakyagala era kyatwalira Edison ebbanga okuzza ekitiibwa kye. Ekitabo ekitukuvu kitugamba nti omukozi agwanira kimugyamu. Sikakasa nti Edion yamusasulanga bulungi oba nedda, naye yafiirwa omuyiiya omusuffu eyatandika okumuvuganya. Leero ebika by'amasannyalaze byonna bikozesebwa.

Edison yafuuka binnyo nkondo. Yawasa, mukazi we eyasooka n'afa. Yaddamu okuwasa era n'aleeta olusirika ewaka mu Fort Myers, e Florida. Baamalayo ebbanga ddene mu biseera by'omuzira era nga Edison bwe yali nga yekkaanya nyo, yanoonya w'ayinza okufuna ekikoba nga kya buttonede ng'ali mu Florida. Henry Ford yali abeera kinnya na mpindi ne we yali. Edison yayambako mu kuyiiya emmotoka. Baali ba mukwano okutuusa Edison bwe yafa.

Eky'omukisa omubi, Edison teyali mulokole,. Yali akkiririza muntu akola buli kimu, naye teyalowoozaako nti yali Katonda wa bayibuli. Yandibadde akozesezza amagezi ge mu bayibuli.

Thomas Edison yafa kkansa nga 18, ntenvu, 1931. Yali afunye obuyinza obukola ebintu nga lukumi mu bisatu mu nkaaga mu munaana. Obukugu bwe yalina mu kuvumbula bwali bwa maanyi, n'olwekyo, obusobozi bwe yalina okuteekateeka akatale okugula by'ayiiya, okufuna abantu ab'okubussaamu sente n'okuteekawo enkola ennungamu ey'okubifugamu. Ebiyiiyizibwa bino ebisinga tebyandisobodde na kutuuka ku katale ka nsi yonna. Awatali Edison, ani amanyi wetwandibadde!

Amataala, obutambi bw'ebifaananyi, tekinologiya atalina buyungo,emizindaalo, amasimu, byonna bino byatandikira ku Edison.

Bw'oteekako etaala y'amasannyalaze, ndowowooza osobola okulowooza ku Edison n'eweebaza Katonda okumuleeta ku nsi. Ensi yandibadde mu kibululu singa teyaliiwo.

MU BUFUNZE: THOMAS EDISON

(PUT HIS PHOTO HERE)

1847-1931

Thomas Edison agamba nti, - " Obwa Kagezimunnyo buli akatundu kamu ku kikumi kuzzibwamu maanyi ate obutundu kyenda mu Mwenda ku kikumi kutuuyana"

Thomas Edison yavumbulanga ebintu bingi, naye era yalina ekitone ky'okunoonya engeri y'okuteeka ensimbi mu buyiiya bwe, okuzimba entabuza y'emirimu n'okuleeta byayiiyizza ku katale. Eggezeserezo lya Menlo Park lyakulaakulanya tekinologiya ku misinde egya yiriyiri. Edison yatuleetera amakolero amaggya, ebyamasannyalaze, ebikwata amaloboozi, obutambi bw'ebifaananyi, okuyitimusa eby'empuliziganya n'ebirala bingi.

Essomo ly'okuyiga

Ekirowoozo ekyamaanyi tekiba na mugaso bw'oba tosobola kuteekawo nkola ekituua ku katale.

OLUNAKU OLW'OMUSANVU

Eky'okukola:

Funa Edison bye yayogera era obiteeke wano wammanga.

EKISOOKA……

……

……

……

……

……

EKY'OKUBIRI……

……

……

……

……

……..……..

EKY'OKUSATU……

……

……

……

……

……..……

OLUNAKU OLW'OMUNAANA OKUTUUKA KU LW'EKKUMI N'EBBIRI

Eky'okukola

Soma akatabo ka "Go Giver" aka Bob Burg. Soma essuula ssatu olunaku. Noonya ebigambo bya bayibulu nga okasoma. Kano ke katabo akanyuma akawandiikibwa nga olugero. Nsuubira ojja kukanyumirwa.

Akatabo kano kali ne mu lusipaana era kayitibwa, “Dar Para Recibir” era osobola okukasanga ku kibanja kino; http//www.amazon.com/Dar-para-recibir-Bob-burg/dp/8492452072

Omusomesa byalina okukebera mu ssabbiiti ey’okubiri

Kebera ebigambo bya Edison ku lunaku olw’omusanvu, olina kukikola nga osoma katabo ka “Go Giver”. Baalina ennaku ttaano okukasoma. Buuza abayizi bo, “Essomo lisomesebwa litya mu kitabo kino okulaga ebisomesebwa mu bayibuli”.

OLUNAKU OLW’EKKUMI N’ESSATU

Eky’okukola

Ssomo ki okuva mu katabo ka ‘Go Giver” ly’oyinza okukozesa mu bulamu bwo?

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW'EKKUMI N'ENNYA

Essomo- Okwenneenya olugero lwa Go Giver.

Nsuubira wanyumiddwa olugero lwa 'Go Giver' ku muko ogw'ataano mw'omwenda. Njagala nnyo ensonga z'awa ezikwata ku kukola." Okubeerawo- okufuna ebyeetaagisa mu bulamu obwa bulijjo. Okutereka- okusukka ebyetaago n'ogaziya obulamu bwo. N'okuweereza-okubaako ky'ogatta ku nsi ekwetoolodde".kino kiwulikika nnyo nga olunyiriri okuva mu bayibuli mu b'eFeeso 4:28 olugamba nti, "Eyabbanga alemenga okubba nate: naye waakiri afubenga, ng'akola ebirungi n'emikono gye, alyoke abeerenga n'eky'okunywa kye yeetaaga". Olunyiriri luno lugenda eri omubbi-oyo aggya kubalala okusobola okubeerawo, omukozi ayeetuusaako bye yeetaaga mu mulimu omulungi (okubeerawo) ku muntu alina sente ennyingi (okuva ku z'atereka) okuyamba abali mu bwetaavu oba 'okuweereza' abalala. Kyewuunyisa bayibuli engeri gyetuukira ku bulamu bwaffe obwa bulijjo n'emirimu. Katonda ayagala tulabirire ab'omumaka gaffe nga tetunnawa balala. 1 Timoseewo 5:8 agamba bw'ati, "Naye omuntu bw'atajjanjaba babe, n'okusinga ab'omunnyumba ye, yeegaanyi okukkiriza, era naye mubi okusinga n'atakkirirza". Abantu abamu balowooza nti olw'okuba bali mu buweereza, olunyiriri luno terubakwatako. Naye olunyiriri si b we lugamba. Omusumba bw'aba tasobola kujjanjaba na kulabirira ba nju ye, oboolyawo Katonda alina okuyitibwa okulala kw'amutegekedde. Ebyetaago by'abantu bo bye birina okusooka, oba mubi nnyo n'okusinga atakkiriza. Atakkirirza ye mukaafiiri. Oh.

Ndowooza era kisaana okumanya nti Katonda tayagala twefeeko obulamu bwaffe bwonna, naye okubeera n'ekigendererwa okuyamba abali mu bwetaavu. Katonda afaayo ku abanaku era n'abali mu bwetaavu. Alagira abantu ssekinnoomu okubayamba. Ndowooza abantu ssekinnoomu basobola okumanya ebyetaago by'abantu okusinga ne gavumenti oba ebitongole ebinene (wadde nabye biyinza okuba eby'omugaso). Tusobola okulaba oba basaanira oba banafu. Bayibuli egamba mu II Abasessalonika 3:10 nti, " …….singa omuntu yenna agaananga okukola emirimu, n'okulya talyenga". Waliwo abantu abakola ennyo, naye ebintu ebibi bibatuuseeko ne bafuuka abaavu. Ebiseera ebisinga baba tebasobola na kufuna mulimu guyinza kubabeezaawo waka.kale, tulina okukola obulungi okusobola okulabirira ab'enju n'okuyamba abalala n'ekifikkawo.nja kugamba nti waliwo essanyu lya nsusso mu kugaba. Ku nze, omulimu nga gwo buweereza eri abalala. Bizinensi epangisa abantu, ebaweereza nga ebawa eky'okulya, ewa abantu ebintu, oba obuweereza, eteekawo enkolagana mu kitundu, ewa sente okuyita mu misolo okuyamba abantu, sijja kugenda mu ngeri gavumenti gye zikozesaamu sente zaffe obubi , naye batuwa ebintu ebimu ebirungi nga enguudo, n'obukuumi n'enfuga ey'amateeka. Bizinensi kisuffu okuva ewa Katonda! Bwe tuteeka ebyawandiikibwa mu bizinensi, tusobola okuba ne bizinensi nga eyimiridde ku kwagala, so si mulugube. Tusobola okugweyambisa okuweereza abalala n'okunoonya obulungi bwabwe ate n'okwetuusaako bye twetaaga. Nzikiriza tewalli kumatira kusinga nga okumatira kw'ofuna nga oweereza abalala n'okuyamba abo abali mu bwetaavu. Kigezeeko, omulimu gwo leero kwe kuyambyo omuntu, okuzannya n'abaana bo, okukwata eby'okuzannyisa byabwe, okufulumya kasasiro….lowooza ekintu era okikole. Wandiika kye wakola wano wammanga;

Eky'okukola

Baako gw’oweereza mu bulamu bwo era owandiike by’oyiseemu wano wammanga;

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW’EKKUMI N’ETTAANO

Essomo- Ebika bya Bizinensi

Wali okitegeddeko nti waliwo ebika bya bizinensi eby’enjawulo? Ndowooze nti osobola okumanya eriwa ogukusaanira.

Bizinensi z’obuweereza ze bizinensi ezituusa obuweereza ku abalala.

Bizinensi z’obuweereza

Okusaawa

Okulongoosa puulu

Okutambuza mbwa

Okufuuyira ebiwuka

Okukola mu maka

Okukomola n’okugirabirira

Okulongoosa ebidumu ebiggya omukka mu Kyoto

Okuddaabiriza amayumba. N’ebirala bingi.

Ebirungi

Ebisinga byo byangu okutandika

Byangu okuddukanya bw’oba otaddewo enkola y’okubikola ennungamu.

Sente ezibitandika zitera okuba entono okusinziira ku bikozesebwa bye weetaaga.

Osobola okubitandika mpola nga gwe mukozi n’okula mpola.

Emirimu egisinga egy’obuweereza gya kuddiŋŋana kale teweetaaga kubeera nga weeranga singa obeera ogaziye nga bw’oyagala. Kale ojja kwetaaga okulangayo akatono singa ofiirwa ba kaasitoma, naye ebbanga eriddako ozimba ba kasitoma b’oweereza olubereera.

Ebizibu

Bw’ogaziwa, okufuna abakozi olina okubafuga. Si kyangu kufuna bakozi balungi.

Olina okuba nga eriiso lyo jjoji eri abakuvuganya era beera mwetegevu okukola enkyukakyuka okusobola okutuukiriza abaguzi kye baagala.

Okutunda ebintu

Eby'okulabirako

Ebiyiiyiziddwa-olukalala terukola-ebimu ku by'okulabirako bye bino wammanga. Bw'oba osobola okukikwatako, kya maguzi.

Emmotoka

Engoye

Ekkalaamu

Emmere

Omukka

Amasimu ga iphone

Ebirungi

Bw'ozuula ekikoleddwa nga abantu bakyagala oba bakyetaaga, osobola okufuuna okuyitimuka.

Kyanguwa okukola eky'amaguzi era n'okireeta ku katale.

Ebizibu

Ebintu ebikwetaagisa okutandika biyinza okuba eby'obuseere, oyinza okwetaaga sente nyingi okukola ekyamaguzi.

Amateeka agafuga obwannanyini gayinza okwagala okukukwata.

Kiyinza okukwetaagisa okukola ennyo ne ssente okukola ekintu ekijjuvu.

Kiyinza okuba ekizibu okulanga n’okupima by’ofulumya n’obwetaavu.

Kyangu okukola ensobi, n’ofiirwa sente nnyingi nnyo. Okugeza; bw’okola ebintu ebingi nga olina okubitereka, kisobola okukubeerera eky’ebbeeyi okusinga n’omuwendo gw’oyinza okukitundirako. Olina okumanya omuwendo n’akatale nga tonnatandika.

Egy’obugagga obwensibo

Okugeza;

Okutunda n’okugula ettaka

Okupangisa emmotoka

Okupangisa ebyuma

Okusinga- mu bizinensi, mu migabo, mubyuma eby’omuwendo, oba eby’omugaso nga ebisiige.

Ebirungi

Tebitwala sente nyingi mu kubibeezaawo

Byangu okubissa ku mulembe**.**

Ebizibu

Bw’oba ogenda kusiga mu by’obugagga olw’okufuna, olina okwebangula. Kyangu okufiirwa sente mu kugula n’okutunda ettaka, okugula emigabo, n’eby’obugagga ebirala singa oba tomanyi kyokola.

Olina okuba ne sente nyingi ez’okusiga mu by’obugagga bwoba osuubira okufunamu ekimala.

Edduuka

Eby’okulabirako

Amaduuka, amaduuka agasuubuza ebintu nago maduuka. Waliwo ga ngeri nnyingi; ez’engoye, emmotoka, ssematuuka, amasundiro, beekeeri, ebifo w’okutegekera emikolo. Ekifo kyonna ekitunda ebintu eri abaguzi. Ebirabo by’emmere nabyo bigwa wano n’ebibudaabuda..

Ebirungi

Bwe biba weebiri nga bitambula, bisobola okuvaamu sente ennyingi.

Kyangu okubissaako enkola ebitambuza, n’ababikulira abalungi (n’abakizi), bisobola okuddukanyizibwa nga ne nannyini byo tabyetabyemu.

Ebizibu

Kizibu okubitandika kuba byetaaga omuntu abitegeera mu ntandikwa.

Byetaaga sente nyingi okubitandika.

Byetaaga obudde bungi.

Ebibudaabuda abantu

Okugeza:

Ebirabo by’emmere

Wooteeri

Okutunda eby’okunywa

Ebirungi

Sente ozifuna buli lunaku

Kyangu kugula n’okutunda ebizimbe

Oyogera n’abaguzi bo

Ebizibu

Okukola ekiro ne ssabbiiti

Abakozi abeetaagisa.

Eby’emirimu gy’ekikugu

Zino si bizinensi naye, abamu bakozesa obuyigirize ne babufuula bizinensi. Okugeza; okugeza nga omusawo atandika era n’addukanya akalwaliro ke, omusomesa atandika okusomesa, munnamateeka aggulawo ekitongole ky’amateeka, omusumba atandika ekkanisa, (si mulimu ogutakola magoba naye gusobola okuddukanyizibwa nga ogukola).

Okugeza;

Omusawo

Omuzaalisa

Alongoosa

Abasawo abalala abakugu

Abakola ku bifaananyi

Abawandiisi

Abalamuzi

Abasomesa

Abasumba

Bannabyabufuzi

Abakozi ba gavumenti

Ebirungi

Tolina kukwasaganya bakozi bangi (kale omuntu atuula mu yaafeesi)

Kyangu okubibeezaawo

Ebizibu

Kyetaaga okusoma ennyo

Sente ozifuna lw'okoze (ebiseera ebimu-okuggyako nga okutandiseeyo akalimu.)

Eky'okukola

Kika kya mulimu ki kye weegombye? Lwaki? Guwandiikeko wano wammanga;

……**……**
……
……
……
……
……
……
……
……
……

Omusomesa oby'alina okukebera mu ssabbiiti ey'okusatu

Soma mu muyizi wo bye yayize mu katabo lwa Go Giver mu lunaku lw'ekkumi n'essatu. Kebera obuweereza bwe baalonze mu lunaku olw'ekkumi n'ettaano.

OLUNAKU OLW'EKKUMI N'OMUKAAGA

Essomo-oyagala kubeera ki? Munnabizinensi, mutandisi wa bizinensi, mugagga, mukozi.

Si buli omu nti yatondebwa okuddukanya bizinensi gye yeetandikidde. Bizinensi esobola okuziŋŋama olw'okubulwa abakozi abalungi naye era omukozesa omulungi ajja kubasasula bulungi. Waliwo bingi eby'okwogera ng'ogenda ku mulimu okudda eka n'obireka byokka emabega ku nkomerero y'olunaku. Tewali kweraliikirira ku ngeri gy'ogenda okusasulamu abakozi, okubafuga, oba okusasula ebisale. Okiraba otya singa wandibadde musanyufu nnyo ng'omukozi, omusiga nsimbi oba nannyini?

Leka tukubaganye ebirowoozo ku bizinensi ezimu na bika bya bantu ki abalina okuzikola.

Ababazi b'ensimbi baagala nnyo emiwendo n'amateeka. Basanyufu n'amateeka nga bakola ekintu kye kimu buli lunaku. Banywevu, bakola bulungi, era baagala nnyo okubeera okumpi n'omulimu. Baagala okukolera mu ziwoofiisi.

Abasuubuzi ba babeera nnyo n'abantu. Baagala nnyo abantu n'okutambula. Babeera batetenkanya. Okusoma abantu n'okubamanya bakyagala nnyo. Baagala okutuukiriza ebiruubirirwa n'okufuna abantu abanaayagala kye bakola oba obuweereza bwe babaguza. Balambulukufu. Tekibatawaanya kufuna bantu babawakanya, bagenda bugenzi ku muntu addako.

Ba ssenkulu ku mirimu n'abagitandika baagala nnyo okufa ku ntambula y'omulimu. Balungi eri abantu era n'okuzuula we bagya mu bizinensi. Tebaagala bizibu naye baagala nnyo okuweebwa ebintu eby'okuddukanya nga obuduuka obutono oba bizinensi etambula obulungi. Abakulira emirimu balungi mu mbalirira

n’okukwata obulungi sente. Teabaagalira ddala bizibu era tebaagala kutwala buvunaanyizibwa bwa bizinensi yonna. Mu kkuŋŋaanyizo ly’ebintu, entambuza y’ebintu ebagiddwa, okubangulwa bakukuwadde, okufunamu tekuteeberezeka, obuzibu butuukiddwako, sente ew’okuziteeka wabaliddwa. Newankubadde ab’obuduuka obutono bagwa mu ttuluba ly’abatandisi b’emirimu, emirimu mingi egisinga mu kutandika bizinensi gikoleddwa kye nsuubra nti kigya bulungi mu ttuluba ly’akulira omulimu.

Abatandisi b’emirimu boolesebwa. Tebafa ku bizu,. Baagala nnyo okuvaayo n’ebirowoozo n’okulaba ebyetaagisa okutandika bizinensi. Bayinza okuba oba obutabeera balungi mu kukwasaganya bantu, oba okubalirira. Oluusi balwana okumanya engeri ennyangu gye bayinza okukuzaamu bizinensi oba okwongera ku bye bakola. Bwe baba basobola okuteekawo enkola y’entabula y’emirimu ennungi, era ne bafuna abakozi abalungi okukola we balina obunafu, basobola okukola obulungi. Okutunuulira ennyo sente kikulu nnyo mu kutandika bizinensi kale amaanyi mu kitundu kino ga mugaso.

Eky’okukola

Twala okugezesebwa kuno olabe oba osobola okufuna ky’oyinza okukola obulungi. Si kigezo kya ddala, naye leka nsuubire kijja kukuyamba okufuna ky’osobola okukola obulungi. Tewali bya kuddamu bituufu oba bikyamu.

Gw’ani? Teeka akaweta ku kikugyamu;

1. Birowoozo bya bizinensi bimeka by’obadde nabyo mu myezi omukaaga egiyise?
    a) 0-1
    b) 2-6

c) 10+

2. Wali otunzeeko ekintu kyonna?
    a) Nedda
    b) Ye
    c) Ye, kuba nsobola okujjukira!
3. Osobola okugula “Warranty”?
    a) Ye buli kaseera
    b) Oluusi
    c) Tekibangawo
4. Mirundi emeka gye weesanga nga okulembera abantu?
    a) Ndwawo
    b) Oluusi
    c) Kyenkana buli kaseera
5. Onyumirwa ebintu ebya buli lunaku n’ebiragiro?
    a) Ye
    b) Oluusi
    c) Ndwawo
6. Wali osuddewo ekirowoozo?
    a) Ye
    b) Oluusi

c) Tekibangawo

7. Onyumirwa okuvuganya?
    a) Nedda
    b) Ekitono
    c) Ye!
8. Onootuusa ekirowoozo ku buwanguzi nga oyabiddwako oba toyambiddwa?
    a) Neetaaga obuyambi
    b) Njagala nnyo obuyambi
    c) Nja kufunanga engeri
9. Abantu basiima “obugumu bwo”?
    a) Ye, ndi mugumu era eyeesigika
    b) Okusinga, naye njagala olumu okutabulamu
    c) Obunywevu? Nzigwamu mangu amaanyi.
10. Wali obaddeko mu magye oba olowooza wandiyagadde?
    a) Osanga
    b) Ye
    c) Nedda

Weesigame ku byofunye. Olina okusinga ‘a’ nga z’eweesigamyeko ku akulira ssenkulu. Singa osinga kubeera na ‘b’ oyinza okukola obulungi mu mulimu gw’okkungaanyizo ly’ebintu. Singa obadde okusinga olina ‘c’, wandigya mu bulamu bw’omutandisi wa bizinensi.

Nyonnyola ky’olowooza nti oyinza okubeera omulungi mu kyo nga oli mukozi, ssenkulu, nannyini kkunganyirizo lya bintu, munnabizinesnsi, omukugu (omubunyisa n’omusumba mu ttuluba lino), musigansimbi oba ekintu ekirala.lwaki ky’olowooza? Bitone ki, byoyagala oba ebikolwa by’olina ebikuleetera okulowooza bw’oti?

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……...

OLUNAKU OLW’EKKUMI N’OMUSANVU

Eky’okukola

Wandiika ebirungi n’ebibi eby’okubeera omukozi, ssenkulu, ekkuŋŋaanyirizo ly’e bintu, oba omutandisi w’emirimu. Londako **KIMU-** ekimu ky’olowooza nti oyinza okubeera omulungi mu kyo.

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW’EKKUMI N’OMUNAANA

Essomo – omwana omuto ki kyasobola okukola?

Waliyo ekitabo ekyatiikirivu ekyawandiikibwa Mark Victor Hansen ekiyitibwa, “The Rich Kids in America” . kikwata ku baana abali mu bizinensi ze baddukanya. Nkukubiriza okukisoma bw’oba oyagala okuddamu amaanyi. Bizinensi abaana ze bakulaakulanyizza ziggula obwongo. Zikulaakulanye nnyo. Eby’okwewunda, bi kalimagezi, eby’ensolo obuweereza n’ebirala abaana bye bafunye. Era basonze sente ez’abakateeyamba era ne batandika n’ebibiina. Tolowooza nti lwakuba oli muto, tosobola kukola bisanyusa na byewuunyisa mu bizinensi. Abaana bangi bawummulira mu bizinensi. Abamu baalaba obwetaavu oba obuzibu obulina okugonjoolwa.

Leka nkunyumize ku Zadok. Yalina emyaka etaano we yalabira enkumbi ya tulakita,. Yagyagala nga y’akagiraba.yayagala nnyo enkumbi ya tulakita

n’okusinga ekintu kyonna. Noolwekyo yakizuula nti enkumbi ya tulakita ya bbeeyi. Empanka mu mutwe z’atandika okukyuka, “ayinza atya okukola sente?”. Yatandika okukola obusawo obukozesebwa okusitula ebyoka. Yabuguzanga eri buli muntu gwe yasanganga. Lyali kkubo lya magezi ery’okufuna akatale kubanga si bangi abaayinzanga okugaana okugula obusawo ku mulenzi omuto ow’emyaka etaano gyokka. Kitaawe yamuyamba nga ng’amutundirako obusawo ku mulimu gye yakolanga. Amangu ddalla yaweza sente ezugula akuuma akasaawa omuddo ke yapangisanga abantu n’afuna sente. Ndowooza Zodak yali bulungi ku mulamwa ogw’okugula enkumbi ya tulakita.

Lowooz ku mulimu gwa ngeri ki gw’oyagala okukolamu oba okutandika. Kiki ky’oyagala okukola? Kiki ky’olinamu obwagazi? Bizibu ki by’olaba ebyetaaga okugonjoolwa? bwetaavu ki obuliwo okutuukiriza? Kiki ky’oyagala okusomako? Kiki ky’oyagala okukola? kiki ekikusanyusa? Olaba eby’okuddamu ku bibuuzo bino bwe biyinza okukutuusa ku bizinensi?

Eky’okukola

Lowooza ku bibuuzo ebyo waggulu era owandiike ku kirowoozo ky’olowooza nti oyinza okukikulaakulanya ne kifuuka bizinensi oba owandiike ku kintu ky’oyagala okukola.

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW'EKKUMI N'OMWENDA

ESSOMO – Asia Newson

Bw'oba osobola okugenda ku mutimbagano nga bazadde bo bakkiriza, genda ku kibanja kino wammanga olabe akatambi.

http//abcnews.go.com/business/11-year-detroit-girl-perfect-sales-pitch-blow/stor y?id=27445846

Osobola era okunoonya Asia Newson ABC 2020 okulaba omuyungo guno.

Asia Newson muwala ate nga kitunzi ow'amaanyi! Alina obukugu mu bwa kitunzi n'enteekateeka za bizinensi era wa myaka kkumi na gumu mu katambi kano! kiki abaana kye bayinza okukola!agamba nti, "omulimu gwange kulaba obusobozi obwaddala mu buli mwana era n'okubazimbamu okwekkiririzaamu ekimuleetera okukozesa ekitone kye nga omuntu." Ekyo okitegedde? Ddamu okisome mpolampola. Mu katambi, manyi anti tatunda butunzi kkandi, naye okusiga mu kusomesa omwana omuwala bizinensi. Wuliriza n'obwegendereza kiki ky'agamba n'engeri gy'akolamu. Tamalibwamu maanyi bantu batafaayo. Olw'obwagazi bw'alina, ebiruubirirwa n'okwagala kw'alina eri okuyiga, abantu bayaayaana okumusomesa asobole okugenda mu maaso. (njagala engeri kitaawe gy'amubeera okumpi nga bw'amulaba by'akola). Genda ku kibanja kye ekya, "Superbusinessgirl.com ogirabe. Era waliwo 'Ted Talk' n'obutambi bwa YouTube ng'ayogera. Kakasa nti tekirina buzibu na bazadde bo okubiraba. Osobola okusaba

emisomo oba ye okujja okwogera eri abantu abangi. Bw'oba olina ekibiina ky'abannabizinensi, kyandibadde kirungi okulaba musobola okumufuna n'ayogerako nammwe! ayagala kubeera meeya wa Detroit pulezidenti olunaku lumu! Ndowooza ajja kusobola okukikola.

OLUNAKU LW'AMAKUMI ABIRI

Eky'okukola

Ddamu ebibuuzo bino

Kiki eky'enjawulo ku Asia Newson?

……

……

……

……

……

……

Bukodyo ki bw'akozesa okunoonya akatale?

……

……

……

……

……

……

……..

Kiki ky'oyinza okukola kati okutandika bizinensi?

……

……

……

……

……

……

Omusomesa by’alina okukebera

Soma eby’okuddamu ku ssomo ery’ekkumi n’omusanvu – kika kya munnabizinensi ki ky’oli era lwaki?

Soma eby’okuddamu ku ssomo ery’ekkumi n’omunaana.

OLUNAKU OLW’AMAKUMI ABIRI MW’OLUMU

Essomo – Okunoonya akatale

Lowooza nti buli omu mu nsi muno avuddemu era ogirimu wekka! Zzaabu yenna mu Fort Knox! Ebizimbe byonna, emmotoka zonna, amaato gonna, amayumba agali mu bukadde bwa ddoola n’aw’okuwugira, n’ebibanda bya terefayina. Kiyinza kuwulikika kitya ekyo? Oboolyawo ku ntandikwa kirungi ddala, naye mangu ddala emmotoka zijja kuggwaamu gaasi, amasannyalaze tegajja kukola, emmere eyinza okuvunda, era ojja kuba tolina njawulo wakati wo n’abantu b’edda. Naye ekyo si kye kisinga obubi. Ekisinga obubi kwe kubeerawo nga tali na bantu balala. Abantu beetaaga abantu omwana ajja kufa singa aba takyasitulwa. Abeeyombekera tebawangaala nnyo nga bafumbo, abantu abatalina nkolagana na bantu nga beeraliikirira bayinza okufa nga bafunye obulwadde bw’omutima. Abaana abatalina nkolana nnungi na bazadde baabwe tebawangaala nga abalina. Abantu b’etaaga bantu bannaabwe bubi nnyo. Y’ensonga lwaki Katonda yabateeka mu maka. Eyo y’emu ku nsonga lwaki yagamba nti, “Toyabulira nkuŋŋaana

zammwe". Katonda atwagala mu mu masinzizo nga tusinza n'abalala ne bwe muba temukkaanyiza ddala ku buli nsonga. Omukwano ogw'okulusegere kye kintu ekisingayo obulungi ekikkakkanya omwoyo. Omukwano omubi gutusaanyaawo, beera wala okuva kw'abo! Bizinensi tosobola kugikola nga tolina mikwano. Bizinensi zikula nga waliwo enkolagana ennungi wakati w'abantu nga buli omu ayagala munne abeere bulungi.

Bw'okolera omuntu ekintu, kiyamba okuteekawo enkolagana. Mu kitabo, "Thou Shalt Prosper", omuwandiisi y'anyumya olugero luno. Yayingira mu takisi mu kiro ekinnyogovu mu kibuga kya New York n'asaba okumutwalako awantu, omugoba wa takisi yamugamba, "awo nga ku nkulungo". Yafuluma mu bunnyogovu n'agamba, "Ninda, nja kukutwalawo awo". Talina kye yamuggyako! Yagamba nti, "Kyokola munno naawe bakikukola era njagala kukuyamba buyambi, olabika onnyogoze nnyo". "Rabbi" yafuna akapapula k'omugoba wa takisi akaliko endagiriro ye era n'amukozesanga buli lwe yabeeranga ali mu New York. Kino ky'eky'okulabirako ky'enkolagana mu bantu. Okuyamba abalalala si lwa kufuna magoba oba kufunamu naye kubanga kirungi. Nga tuzimba enkolagana, tusobola okuzuula obwetaavu bw'abalala ne tubayamba. Tusobola okulwana okubayamba mu bizinensi. Nga bwe tukulaakulanya ebyamaguzi n'obuweereza, tulina okubimanyisa abalala. Okunoonya akatale kulina kuba kutyo. Okunoonya akatale kwe kutegeeza ensi ku bye tukola era n'okuzuula abantu abayinza okubiganyulwamu. Tekirina kuyisa bubi oba kukaka muntu kugula

Omulokole anoonya abagoberezi alina okuba n'abagoberezi bye beetaaga mu bwongo bwe era ng'aluubirira okubaweereza. Tulina okusiima ebintu byonna ebikoleddwa bye tulaba. Awatali kulanga, tetuyinza kumanya kintu kikoleddwa oba buweereza bwe twagala oba bwe twetaaga. Omutimbaganno gulina ebibi bingi, naye waliwo ebirungi bye guleetedde ensi. Ekimu ku byo kwe kulanga. Obwangu bwokufuna kye weetaaga bwewuunyisa! Kyangu bizinensi etandika okwerangira

ku mutimbagano. Okulanga kuyambye bizinensi nnyingi ezaakatandika. Okulanga okukolebwa mu ndowooza yeddiini kuba kwa mukisa eri ensi.

Nga tonnaba kutunda kirowoozo, weetaaga okumanya oba waliwo obwetaavu bwekyo mu katale ate singa waba waliwo ekyamaguzi kye kimu oba obuweereza wabweru eyo eikola ekintu kye kimu. Omanya otya oba ekirowoozo kyo kinaakola? Kuno kwe kunoonyereza ku kutale.

William Bill owa Wealth Design Group LLC mu Houston agamba nti, "okulemererwa okunoonyereza ku katale nga tonnatandika bizinensi oba okugitambuza kiringa kuvuga mmotoka okuva mu Texas okutuuka e NewYork nga tolina ndagiriro oba bupande ku nguudo". "Olina okumanya gyodda na misinde ki kwogendera". Enteekateeka z'okunoonyereza okulungi ku katale ziraga wa era b'ani abaguzi bo. Era kujja kukubuulira ddi lwe lwebasuubira okugula ebintu byo oba obuwereeza bwo"

Steve Jobs bwe yabuuzibwa oba yanoonyereza ku katale yagamba nti,"Nedda, kubanga abantu tebamanyi kyebaagala okuggyako nga tubalazeeko"

Ezo waggulu ndowooza ebbiri ezaawukanira ddala ku kukunoonyereza ku katale. Ndowooza ekyawukana bwe bufaanane bwekitundibwa eri abantu. Singa kibeerera nga ddala kintu kipya, abantu bayinza obutamanya banaakyagala kyenkana ki kale kizibu okukola okunoonyereza ku katale. Bwe kiba nga kintu ekyefaananyirizaako ekyamaguzi oba obuweereza obuliwo mu katale, kyangu okukola okunoonyereza ku katale.

Henry Ford yagamba, “Singa nabuuza abantu kye baagala, bandiŋŋambye , embalaasi eziwenyuka”, Ford yalaba obwetaavu, yasobola okulaba omugaso emmotoka gweyinza okuba nagwo, newankubadde abantu tebaakirabirawo mu kusooka. Abaguzi bo kye balowooza nti kye baagala kiyinza okuba si kye kyo kye baagala. Kyetaagisa okuloowoozaako ennyo n’okwekkaanya abantu okumanya bye beetaaga. Steve Jobs yaleeta pulogulaamu eyamba ekyuma kikalimagezi okukola. Tewali yali akikozeeko okusooka. Yalowooza ku ngeri abantu gye bayinza okukozesaamu pulogulaamu eno ennungi era esikiriza. Bwoba olina ky’oyiiya ensi kyeterabangako, kizibu okunoonyereza kukatale. Oluusi oba olina okumira omwoyo okitandike.

Ebyo nga byogeddwa, waliwo era akaseera n’ekifo ky’okukola okunoonyereza ku katale. Lori Greiner yayiiya ekitereeza amajolobero oluvannyuma lwokulaba nnyina nga alwana okunoonya akatundu k’ejjolobero ke yali ayagala mu kisanduuko mwagatereka. Nga tannatwala ky’akoze ku katale, yagenda ku bizimbe ebinene abantu we bakuŋŋaanira. Yateekawo emmeeza n’alaga kye yali akoze era n’asaba abantu bamubuulire kye bakirowoozaako. Yabuuza ebibuuzo bingi, “kino okyagala? Oyinza okukigula? Kiki kyotakyagalako? Kiki kyoyinza okukyongerako?” yasobola okufuna okuddibwamu okw’omugaso okwamuyamba okutereeza eky’amaguzi kye nga tannatandika kukifulumya. Lori era yalaba abakyala abalala abalina obuzibu okutereeza amajolobero gaabwe nti era kye yali akoze kyali kyagalibwa n’okwetaagibwa. Yakimanya nti waaliwo okuteebereza okulungi nti ekyamaguzi kijja kwagalwa era yeeyongera ku mutendera oguddako.

Ebika byokunoonyaereza ku katale

Okunoonyereza okutandikirwako

Ekiruubirirwa ky'okunoonyereza okutandikirwako kwe kufuna ebikwata ku bitundibwa n'engeri gye bitambulamu. Era okutunuulira okuvuganya n'okuyigira ku kye bakola. Okunoonyereza okutandikirwako kusobola okukolebwa ng'oyita mu bino,

- Okubuuza abantu (maaso ku maaso oba ku ssimu)
- Okubuuliriza (ku mutimbagano oba mu Mail)
- Ebibuuzo ebiwandiike (ku mutimbagano oba mu bubaka bwa Mail)
- Okukola ebibinja, okulondobamu abaguzi abawagira kyokola oba abaguzi era ofuna kye balowooza ku kyokola.

Okunoonyereza okw'okubiri

Mu kunoonyereza okw'okubiri, omanya b'ani abakuvuganya, omanya emitindo n'okuzuula abagwanira okugula ebintu byo.

Ensangi zino, tekinologiya ayanguyizza nnyo okunoonyereza ku katale. Genda ku mutimbagano obuuze abantu! Abasinga tebalina buzibu kukuwa ndowooza zaabwe. Okugenda luggi ku liggi, okubuuliriza ku bizimbe ebinene kya nsusso, kirungi okusisinkana abantu maaso ku maaso.noolwekyo, tolinda kukozesa mikutu migatta bantu okufuna obubaka.

OLUNAKU OLW'AMAKUMI ABIRI MU EBBIRI

Essomo- Obukodyo bw'okunoonya akatale:

Waliwo olugero lw'omulenzi omuto eyalina okutunda emisubbaawa okusobola okufuna sente z'ekitongole mwe yali. Yagenda luggi ku luggi ng'abuuza abantu oba bandyagadde okugula emisubbaawa gye egyali egy'obuseere. Tewali

yagula. Ekirowoozo ky'amuggira mu bwongo bwe. Ku luggi olwaddako, yabuuza, "Oyinza okugaba ddoola ettaano eri ekibiina kyonna?". Nja kukuwa omusubbaawa guno ng'akasiimo olw'okugaba". Eyaliwo yagugula. Mu kifo ky'okuwulira ng'anyigiriziddwa olw'ebbeeyi y'omusubbaawa, baali bagaba olw'ekigendererwa ekirungi nga bafuna omusubbaawa ng'ogw'okwebeebaza. Nga ensonga ye yali ya kunoonya sente kya kibiina, okukikola mu ngeri eno kyali kisuffu. Yagenda mu maaso n'okutunda emisubbaawa okukira omulala yenna! ,Endowooza kikulu nnyo n'engeri gy'okufunamu ng'otunda ekola enjawulo nnene.

Baze alina kkampuni nyingi emu ku zo y'erabirira enzigya. Yali agezaako okufuna enteekateeka ennungi ey'okunoonya akatale okusobola okufuna abaguzi abawera. Yabuuza abantu be tusomera ebikwata ku bayibuli oba bayinza okufuba okufuna ekigero ky'ensimbi singa basanga akapapula akalanga bizinensi ku luggi. Baagaana kubanga baali tebeekakasa oba baali basobola ate nga baali tebaagala kubatawaanya oba okubateeka ku bunkenke okubapangisa.

Omwami wange yabuuza, "Ate bwe kabeera akapapula k'emiwendo akalaga nti sente ezisookerwako ziri ddoola abiri era netuleka ekigero ku luggi osobole okutukubira bw'oba otwetaaze buli ssabbiiti?". Bakkiriza nti ekyo basobola okukikola. Ebbeeyi yali nnungi tebaawulira nti batukozesa ate ng'ababateeka ku ku bunkenke. Akakodyo kano kaakola bulungi ddala. Tutimba obupapula ku mayumba ge twayagalanga okukola ku sente ezo. Twasobola okusaawo enzigya ne tufuna n'omuwendo omutuufu. Abakozi baffe baasobola okukola emiwendo ne bagireka ku luggi tusobole obutalinda ssenkulu wa kkampuni yaffe mu bwangu ate ng'ekola eno ekola bulungi. Yafuuka enkola era n'enteekateeka y'okunoonya akatale.

Waliwo engeri nnyingi ez'okunoonyeza ebintu bye akatale oba obuweereza. Wano wammanga tujja kunnyonnyola ezimu enkulu.

Ekwogeza omumwa:

Kino ob'olyawo ky'ekika ky'okunoonya akatale naye toginyooma? Bizinensi nnyingi zeeyongedde okukulaakulana okuva mu kulangisa omumwa. Bw'oba olina ekisinga mu bw'etaavu bwekyamaguzi, Abakugulako beeyongera mu bwangu okuyita mu kulangisa omumwa kisobola n'okukola mu ngeri endala. Bw'olemererwa ba kasitoma bo, oba n'obawa ebintu ebitatuuse na mutindo, okukozesa omumwa kuyinza okukubonyaabonya.

Emikutu emigatta bantu n'ebibanja ku mutimbagano:

Eno y'emu ku ngeri ennyangu ey'okunoonyaamu akatale. Nyanguko ate si ya buseere, Emikutu emigatta bantu gyongedde nnyo amaanyi mu nkulaakulana ya bizinensi nnyingi. Kiyinza okuba eky'omugaso okufuna obuweereza bwo n'ebyamaguzi eri abantu. Kitwala obukugu n'okuteeka mu nkola okufuna ekkubo erinaakola. Mu nnaku zino, bw'oba tolina kibanja kw'olangira ky'amaguzi kyo oba buweereza, kirabika okuba nga ofiirwa abaguzi abalungi. Naddala nga bizinensi ya kubudaabuda bantu. Hotel.com, Expedia, Travelcity, Z'onna ziyimirirawo ku mutimbagano. Bizinensi nnyingi ezifunyeemu nga zikozesa enkola eno.

Obubaka bwa 'Mail' nga-kaadi za posita, obupapula, n'amawulire g'empapula:

Olw'omutimbagano, ekika ky'okulanga kino kikozeseeddwa kitono. N'olwekyo, mu bitundu ebimu enkola eno ekyali ya mugaso. Kyakola bulungi mu bizinensi ya bba wange. Abatambuza eby'okulya ebyanguwa nabo yabakolera nnyo. Bannabyabufuzi nabo buli budde baweereza obubaka bwa 'mail' nga akalulu

tekanaggwa. Amaduuka amanene nago galanga okulaga kiki ekiri ku katale ssabbiti eno.

Okukola emikwano:

Okugabanako n'abalala eyinza okuba enkola ey'okunoonya akatale. Waliwo Ebibiina bya bizinensi bannanyini bizinensi gye basisinkana okugabana ku buli omu kyakola basobole okweweereza abaguzi. Asaawa omuddo ajja kuwa akapapula akaliko ebikwata ku bibzinensi ye eri agula n'okutunda amayumba asobola okumusemba eri abaguzi be bwe bagenda mu maka amaggya.

Mukumuddiza naye ayinza okumuweereza omuntu gw'amanyi nti ayagala kutunda oba okugula ennyumba ye. Buli kadde beera mwetegefu okugamba abalala kiki ky'okola. Beera musanyufu ku kyo era olage obwagazi ku kye bakola. Nandiyagadde okugabanako nammwe ku mboozi okuva mu katabo ka "Thou Shalt Prosper" akalaga kino obulungi. "Ekimu ku bibuuzo abantu abaakeesinkana buli omu kyabuuza munne kye kino, "Kiki ky'okola?" oba "kisaawe ki ky'olimu?" Olina okuba nga osobola okuddamu ebibuuzo mu ngeri ewulikika obulungi ng'era kyenkana ekuleetera ekinyegenyege okubuuza ebibuuzo ebirala. Kati eky'okuddamu kyo singa tekisukka 'oh? ,nkolera kkampuni"Amce ball bearing". Oyonoonye omukisa okukolera omugagga. Tolina kyoggambye ddala kinyuma, kuki ky'okolera 'Amce?' Gwe ssentebe? Oli mu kutunda, kukola, oba mu bya nsimbi? Kati, osanyuse n'ogamba,"Oh, ndaga bakola bintu ki, naddala mu kkampuni ya Amce nyinza kukola ntya ekisinga ekiweweera, ekimasamasa, ekisingayo okuguma mu nsi yonna". Oyinza okuba kale onsanyusizza. Okuggyako ekirala kyonna, abantu aboogeza amaaso nga balaga bafaayo eri ekintu bannyumira bunnyumizi okunyumya nabo. Bw'oba kyolina okuŋŋamba kyonna kwe kuba nga olina gw'okolera, Omulala, era nga otambulira ku biragiro bye, nga sikwekweredde,nandiyogedde naye. Kiwulikika nga kinyuma okusinga gwe. Kale,

sifaayo ku ngeri gy'oweerezaamu abalala, weerowoozeeko ng'akola ekintu ekisanyusa,weerabe mu bizinensi,okusinga okubeera obubeezi ekintu''.

Bulijjo beera mwetegefu okugabanako byokola n'abalala era omanye nabo kye bakola. Enkola y'okukola emikwano ekola nnyo nga mazima buli muntu ayagala okuyamba munne era nga eno si nkola ya bayibuli''. Nzikiriza nti eno y'emu ku nkola z'okunoonya akatale ennungi-okukolagana/okunyumya n'ekigendererwa ky'okuyambagana.

Okukuba abaguzi essimu.

Kano kayinza okuba nga akakodyo k'okunoonya akatale akasembayo okwagalwa abo abakuba amasimu n'abo abagakwata. Bwe nali nkyali muto, nafuna omulimu gye bakubira amasimu, nawangaalawo ennaku biri . Kyali kibi okufuna abantu aboogera nange olunaku lwonna. Nkakasa ssali mulungi ku kyo naye era nali siri muntu w'ekyo. Ndowooza kkampuni yalina okukola obulungi n'obubaka (Ebyo biseera nga omutimbagano tegunnaggya).

Kale tekirina kuba bwe kityo, leero muwala wange akubira abaguzi baffe ng'abayita mu nkuŋŋaana ze tuba tulina . Kino kirungi mu kuteekawo emirembe. Baalinga abakkiriza okufuna obubaka bwa mail obukwata kuluŋŋaana. Tulowooza nti essimu ejja kubaleetera okulowoozo ku bubaka bwa mail era bajja kubusoma okulaba oba kiyinza okuba ekintu kye bandyagadde okukola.

Waliwo ekifo ky'amasimu naye kyetaagisa okukola enkuba y'amasimu etaatawaanye bantu.

Ebirango n'obulango bwa TV

Obukadde bwa doola busaasaanyizibwa ku birango n'obulango bwa ttivi. Ngeri ya maanyi ddala gy'oyinza okuyitamu okutuuka ku bukadde bw'abantu omulundi ogumu. Newankubadde nga bwa buseere ekisusse. Totawaana

kulowooza ku kozesa nkola eno nga eky'amaguzi kyo oba obuweereza tebwetaagisa bantu bangi. Kiyinza obutatugwanira okulanga kkampuni yaffe eya "software" ku ttivi kubanga tuguza ekitundu ky'abantu ekisinga obutono. Osobola okwavuwala amangu ddala nga okozesa enkola eno. Pulogulaamu erina okuba nga esobola okulanga ekyamaguzi ku bwereere mu kulanga. Naye olina okuba n'ebintu bingi ebirindiridde okutwalibwa. Ekintu kyo bwe kitatunda bulungi, oyinza okusoberwa n'obuyiiya obungi ddala, bw'oba wayingidde amabanja ofulumye ekintu, oyinza okuba mu buzibu Wadde oyinza okukemebwa okuleka obulango, omulundi oguddako wekkaanye kkubo ki ly'okozesa okukutuusa okugula? Bakozesa, enkola z'abalala buli omu alinayo emu, kale naawe olina okubaayo n'emu? Bakugamba nti olina okutereka sente? Bakusaba olw'okuba oli bulungi oba oyagala? Kitaasa nkola yaabwe?

Waliwo engeri nnyingi ez'okunnoonya akatale n'okusoma obumu ku butabo obulungi kw'ekyo kirowoozo kirungi singa oba ogenda kutandika bizinensi oba okutundaeky'amaguzi jjukira- okukola okunoonyereza kwo!

Weteeke wabweeru mu kunoonya akatale.

Okuteeka ensiisira ku mwoleso, okugenda mu mwoleso, Okugaba ebimu ku bintu ku moolo-okubeera abantu we bali n'okubagamba ebifa ku bizinensi yo kisobola okubeera eky'okulwanyisa naddala nga tutandika kkampuni yaffe esaawa enzigya yagenda ne yeetaba mu mizannyo gy'omupiira era n'eteekawo n'emmeeza okugaba amazzi ag'obwerere. Abantu Baagala eby'obwerere era kijja kukuyamba okujjukirwa. Beera mukkakkamu era akola emikwano, si mulalu oba atamanyi kya kukola.

Zino ze zimu ku ngeri enkulu ez'okunoonya akatale. Waliwo obutabo buungi obukwata ku kunoonya akatale era osobola okufuna diguri mu y'ekunoonyereza ku katale kwokka.

Okulowooza engeri y'okunnoonyamu akatale na kiki ekikola obulungi kye kimu ku mbeera ennyingi ezisanyusa ez'okuddukanyaamu bizinensi.

Eky'okukola.

Osobola okulowooza ku ngeri endala ezokunoonyaamu akatale? Wandiika ekirowoozo kyo ku kunoonya akatale.

……

……

……

……

……

Gyayo enkuluze yo onnyonnyole bino;

"Interlocutor"

……

……

……

……

"Finesse"

……

……

……
……

OLUNAKU OLW'ABIRI MU ESSATU'.

Essomo – Asa Candler.

Wali owulidde ku Asa Candler? Yakakasa amagezi g'okunoonya akatale era n'agakozesa okumuyamba kiringa nti tewali n'omu yamusooka. Kiki kye yalanga? Coca Cola!

Soma ssomo lino ku Asa Candler kifulumiziddwa okuva ku kibanja kino

"https//www.inc.com/30years/articles/asa-candler.html

Amy Gunderson – Asa candler yazimba abya Coca-cola?

Omukungu mu kunoonya akatale yakuza kkampuni ya Coca-cola n'efuuka ey'ensi yonna ng'ewa eby'okugezesesezaako mu batunda eddagala, ne bakaasitona, ne bakansa omutntu omututumufu eyasooka okubalangira era ne bafuba nnyo okukuuma ekyama ekyo.

Amaanyi g'okulanga gali buli wamu leero naye Asa Candler ye mutandisi wa bizinensi eyasookera ddala okukozesa enkola eyo.

Candler teyali muyiiya, teyayiiya linnya lya kkampuni nnene oba akabonero ak'enjawulo. Wabula obuwanguzi bwe obunene bwali kunoonya katale. Bwe yeddiza obuyinza bwa kkampuni ya Coca-cola, yali etandika butandisi ne soda ow'ennusi ettaano ng'etunda obugiraasi mwenda olunaku mu myaka gyayo ettaano mukatatale.

Wansi w'okulugyamya kwa Candler, embalirira y'okulanga kwa Coca-Cola yakula okuva ku ddoola emitwalo kkumi mu 1901 okutuuka ku doola akakadde kamu mu 1911. Erinnya lya Coca-Cola lyateekebwa ku buli kintu-kalenda, essaawa, ebikuba empewo, n'ebicupa. Abatunda eddagala abaatundanga eky'okuunywa kino bateekanga obupapula obuliko erinnya lya Coca-Cola ku byuma byabwe bye bapimisa eddagala.

Akabiina k'abatunda sirapu ya CocaCola baasindikibwa okukakasa nti abatabula n'okutunda eddagala batabula eky'okuunywa mu butuufu bwakyo nga bakozesa amazzi era n'amaduuka gaabwe oba bagajjuzza obupande bwa coca cola. Candler yapangisa n'omuzannyi wa firimu n'omumuyimbi Clark okubeera omutwe omukulu mu kulanga Coca cola, n'afuuka asoose okupangisa omuntu omututumufu alange kkampuni.

Obulango obwasooka obw'ekyo'okunywa bw'agamba nti kyali "Kisanyusa n'okuzzaamu amaanyi', Wabula eŋŋombo ya 1905 yo yalangirira nti, "Coca Cola ezuukusiddwa ddala era nywevu" Kampuni yadda mangu ebbali ku kwemulugunya ku migaso gy'eky'okunywa eri – kubanga era ekiruubirirwa ky'okunoonya akatale kyali kya kufuna bantu balamu okunywa eky'okunywa. Eŋŋombo ya 1906 yalanga Coca-Cola nga " Eky'okunywa ekisinga obuwoomi ekitatamiiza", nga kirangibwa nga eky'okunywa abantu kye bayinza okunywa mu kifo ky'omwenge mu nsi enaatera okuwera ebitamiiza.

Candler ye yali ateekamu sente . Yagaba obupapula abantu okufuna giraasi ya Coca cola ey'obwereere n'abatabuzi b'eddagala abaali bagayadde okutunda eky'okunya n'abawa ggalani ya Coca cola ya bweereere. Abo b'ennyimi abatabuzi era abatunda eddagala amangu ddala baatandika okutunda bwe baalaba nga abaguzi bonna abaaweebwa obupapula bw'obweereere batandise okweyiwa munda.

Candler yazaalibwa mu 1851 n'akolako ng'omutunzi w'eddagala nga tannagula Coca Cola okuva ku johnStith Pemberton. Eyayiiya "sweet syrup" eyakola nga ekirungo ky'eky'okunywa. Mu 1891, Candler yali amaze okugula kkampuni yonna ku ddoola enkumi bbiri mu bisatu ez'enkanankana ddoola nga emitwalo etaano mu enkumi ttaano mu bina leero. Newankubadde erinnya lya Coca Cola lyasaasaana, kkampuni yagattako ekkolero lya sirapu mu Dallas, Chicago ne Los Angeles, ng'eyongereza ku y'eka mu Atlanta. Mu ntandikwa ya 1890, Coca Cola yali ekola ky'akunywa kya soda kyokka. Si bwe kyali okutuuka omutunzi w'ebintu mu Vicesburg, Miss, bwe yatandika okumuteeka mu bucupa era kyayanguya okumutambuza. Wadde Candler yali akola okusalawo okulungi, teyali mumativu nti okuteeka eky'okunywa mu bu cupa kye kyali okukolebwa ekituufu. Yatunda obuyinza bwonna obw'okuteeka eky'okunywa kya Coca Cola mu bu cupa eri abasajja babiri ab'omu Tennessee nga ku ddoola.

Mu 1906, eky'okunywa ky'ateekebwanga mu bucupa mu U.S n'emitala w'amayanja, era n'ensi yonna yali enywa Coca Cola nga Kkampuni tennavaayo na ŋŋombo ya "Gulira ensi ka Coke''.

Emigabo gy'ab'eŋŋanda za Candler mu kkampuni gyagulibwa ekibina ky'aba musiga nsimbi ekyakulemberwa Ernest Wooddruff ku bukadde bwa ddoola abiri mu butaano.

Candler yava mu Kkampuni mu 1916 n'afuuka Meeya wa Atlanta era yali addukirira abantu okutuusa lwe yafa mu 1929.

Mu bulamu bwe, Candler n'amaanyi gonna yalondoolanga obw'okunywa obutono okusobola okukuuma ekitiibwa ky'eky'okukunywa kye. Omulimu ogukyagenda mu maaso ne leero. Ekyama kya Coca Cola kirowoozebwa okuba mu 'Vault' mu bbanka eri mu Atlanta, ne mu 2006 ,Olukwe lw'okutunda ekyama kya kkampuni eri Pepsi kyateesa abakozi basatu mu kkomera.

Coca Cola ebaddewo ebbanga ddene, Mu 1889, Asa Candler yateeka akalango ka muko malamba mu “The Atlanta journal” ng’alaga nti eky’okunywa kye “kiwoomu kiweeweeza era kiwa essanyu, kiwa amaanyi”. Wadde si wagira kunywa bya kunywa birimu sukaali, Asa Candler akola nga eky’okulabirako ekyamaanyi mu kuba kabaka ku kunoonya akatale. Yanoonya akatale mu ngeri buli omu z’atalowoozangako. Sirowooza nti waliwo abantu bangi mu nsi abatawuliranga ku Coca Cola! Eky’okukola:

Eky’okukola:

Kiki ky’osanze nga kisikiriza ku mwami Candler?

……

……

……

……

Menya obumu ku bukodyo bwe mu kunoonya akatale .

……

……

……

……..

EBIFUNZE KU ASA CANDLER.

(PHOTO)

Asa Sanders yakozesa sukaali wa surapu okuteekamu langi, akawoowo n'amazzi amalungi okukola ak'okunywa ke aakasinga ettutumu mu nsi yonna nga'ayita mu kunoonya akatale. Kagezimunnyo mu kalanga, yakozesa obulango bw'abamanyifu n'obupapula obwo'obwereere, kasenda baguzi n'ebirala. Yategeeka erinnya lya Coca cola ku buli kintu kye yasobolanga! Tewali n'omu mu kaseera ako yali ayinza kumanya kukozesa bukugu bwe yalina mu kunoonya katale era n'obukodya bwe bukyakozesebwa okwetooloola ensi yonna leero.

Asa yali muzira kisa era yagabira ssettendekero wa "Methodise Emory" sente n'ebintu ebirala. Ku nkomerero y'obulamu bwe, yagaba sente ezisinga obungi n'asigaza ezimumala okufuna ebyetaayo bye. Omusajja omulungi bw'atyo.

Essomo ly'okuyiga:

Beera mutetenkanya! Totya kugezaako birowoozo bipya, Bw'oba olina ekizibu ky'okumalawo, kimanyeeko nnyo era kirowoozeeko n'okukisomako ofuune engeri z'okukimalawo. Nyumirwa omulimu gwo era kozesa ebisiga ku by'olina okuyamba abalala.

OLUNAKU OLW'AMAKUMI ABIRI MU ENNYA:

Essomo- okwekennenya eky'amaguzi.

Tukozesa ebintu buli lunaku! Lowooza ku bintu by'okozesa buli lunaku okuva lw'ozuukuka okutuuka lw'ogenda okwebaka. Ebintu bino bikolebwa bulungi? Bisobola okwongerwa ku mutindo?

Olina obwetaavu bw'olaba nga tewali y'abukozeeko? Kwata ekintu ky'okozesa buli lunaku (eky'okulabirako-akasenya) okanoonyerezeeko oddemu ebibuuzo bina wamwanga:-

1. Abantu bameka abakozesa ekintu kino buli lunaku?

……
……
……
…….

……
…….

2. Bimeka ebitundibwa mu America buli lunaku?

……
……..…….

……
……..……..

3. Noonya kkampuni ekola ekintu kino era ozuule magoba genkana ki ge bakola ku kintu ekyo omwaka.

……
……

……
……..……

……
……

4. Engeri ki ezimu ze bakozesa okulanga ekintu kyo?

……

……

……

……

……

……

OLUNAKO OLW'ABIRI MU ETTAANO:

Tekinologiya yeeyongera ku misinde gya yiriyiri. Ngeri ki ez'okunoonya akatale ezikozesebwa leero?

……

……

……

……

……

……

Birowoozo ki eby'okunnonyereza ku katale by'olowooza ebijja mu biseera by'omumaaso?

……

……

……

……

……

……

Olowooza olunaku lumu obulamu bwaffe bujja kubeera nga butambulira teli byuma bi kalimagezi ebikuŋŋanya obubaka ‘ebiwe’ n’okulaba bwe tuggweebwako ebintu n’okutumya ebirala- nti era tetujja kwetaaga kunoonya katale?

……

……

……

……

Lwaki olowooza bw’otyo,oba lwaki nedda? Olowooza kino kiyinza okuba ekirungi eri bizinensi?

……

……

……

……

……

……

Omulimu omusomesa gw’alina okukebera.

Soma eby’okuddiddwamu ku bibuuzo okuva mu masomo. Basome essomo ku Asa Candler kubanga oyinza okwagala okubuuza yali ani. Laba omulimu ku lunaku

olw’abiri mu ettaano. Kubaganya ebirowoozo ku ngeri tekinologiya gy’agasaamu okunoonya akatale.

OLUNAKU OLW’ABIRI MU OMUKAAGA:

Essomo;”Engeri z’okuteeka sente mu kintu.“Sente ziva wa?”

Olwo, oyagala kutandika bizinensi. Otandika otya? Olina ekirowoozo oba enteekateeka. Ojja wa sente z’okuterekamu?

Amabanja ganyuma. Babyibuli egamba mbu “Tobangibwa muntu yenna”. Kino kitegeeza tetulina kwewola? Bayibuli eyogera ku butabangibwa muntu yenna, kusukka kiro, ekyo kyakozesebwanga ng’omusingo. Kino kitegeeza alina kye yeewola. Israeli, baagambibwa obutasaba magoba (Kino kyali kitegeeza magoba manene - kikubaganyizibwako birowoozo). Kino kitegeeza nti baali basobola okwewola naye nga tekuli magoba “Omwewoozi, abeera muddu eri amuwoze” Ba Jews leero beewola sente mu butuufu bangi batandise banka.

Nzikiriza nti bayibuli ekkiriza omuntu okwewola, naye omwewozi olumu okukuuma amateeka g’endagaano era n’asasula ebbanja mu kadde akateekeddwateekeddwa. Amagoba tegalina kuba mangi nnyo. Walina okubaawo okukola ekisa okuva eri omuwozi singa eyeewola abeera yetaagayo akadde akalala okusasula. Yisa abalala mu Mukwano n’okulumirirwa.

Ndowooza kirungi okwekuumira wabweru w’ebbanja n’okubeerangawo ne sente z’ebigwa tebiraze ezimala z’oterekedde kkampuni yo okugiddukanya emyezi esatu ku mukaaga kino kikulu nnyo. Amakampuni agamu galina amabanja mangi. Kampuni yaffe terina bbanja era etutaasizza omulundi ogusukka mu gumu.

Omujjwa wange, James, yalina emyaka kkumu we yayagalira okugenda ku mulimu gw'obuminsani mu Mexico. Kyali kitwala sente nnyingi ate nga teyazirina. Yeewola okuva ku 'omuntu omu akuuma akasaawa omuddo n'agenda ku muliraano ng'asaawa enzigya. Enteekateeka ye ey'okutunda omulimu gwe kwali kugamba ba kasitoma abalina obusobozi nti yali ageezako kusonda sente okugenda ku lugendo lw'obuminsani. James yali asikiriza nnyo ate nga w'amaanyi ate nga na mulungi. Abantu baali baagala nnyo okumuyamba. Yasasulira olugendo era n'asigala ng'akola okusobola okugula akuuma akake. Oluvavvyuma, yapangisa omuntu omu amusaayirengako ye ate akole ekintu ekirala. Kisuffu okuba nga ky'asobola okukola. Olina ekiroowozo eky'okukola?.

Obudde buno. Bw'oba oli muto ng'obeera na waka nga tolina bisale bya nju bya kusasula, ebintu by'okugula, emisolo gy'okusasula, olina omukisa okutereka ennyo. Bw'otandika okutereka kati n'osiga, Bw'oba osobola okuba n'essente eziwera mu kaseera w'otuukira okuteeka mu nkola ekirowoozo kyo.

Mirirmu ki egimu abaana abato gye basobola okukola? Kulera abaana? Kunaaza mbwa, kulongoosa madirisa, okukola eby'emikono. Okubitunda ku myoleso gy'ebyemikono, kusaawa nzigya, okutunda emmere enfuube, okukola sabbuuni, n'okutunda obuweereza ku mutimbagano, ebirime, ebyo bye bimu birowoozo ebitono. Endowooza yo eyinza okukutwala ewala.

Mu katabo,"Abaana abagagga mu America" akaawandiikibwa Mark Hanson, mulimu omwana ayitibwa Cameron. Bwe yali ng'alina emyaka mwenda gatandik bizinensi y'okufulumya ebiwandiiko. Yatunda ebikozesebwa mu kusoma, ne bukkaadi obubuuza.

Ku myaka kkumi n'ebiri, yatandiika okutuunda "Beanie Babies"obusolo obutono."Little stuffed animal".We yawereza emyaka kkumi n'esatu, yali afunye doola emitwalo etaano mumagoba. Ku kkumi n'etaano, yatogoza kkampuni

elangira ku mutimba gano ne banne abamu. Bwe yaamala ekyo, oluvanyuma lw'ekyo, yayiragwa okuzimba ebibanja bya Yinta nenti ne bizinensi endala. Yagenda mu kkolegi nga addule anya bizinensi ezize akaseera ako konna. Nnonda ekitaloo kino okukuzzaamu amaanyi n'ebyokulabirako by'abaana bye bayinza okukola nga singa baba babutaddeko ebirowoozo. Cameroon mpolampola yazimba bizinensi ye nga yeyeeteekamu ssente. Eno y'engeri ennunngi ey'okukuzaamu bizinensi.

Weetaaga okutunula awakwetooloodde, beera n'abantu, beera mwekkaanya era obeeko ky'otandiika! Ne bw'obeera tokola sente, ojja kuyiga bingi nga okola. Eyatandika 'Ikea' yagamba, "Akadde kokka k'otayina kukoleramu nsobi keeko nga weebase". Abantu abanyiikivu bokka be bakola ensobi, ziyigireko era ogende mu maaso ofuuke muwanguzi.

Zino wammanga z'engeri ez'enjawulo abantu mwe bateekera sente mu bizinensi.

Enkola z'okuteeka sente mu bizinensi

1. Kola era otereke n'okusinga kubanga olina sente. Kuza bizinensi yo mpolampola. Kino kye nsinga okwagala. Kirabikirawo nga kye kisinga okubeera nga tekirina buzibu. Bw'okula empolampola, osobola okuyiga nga bw'ogenda mu maaso n'ensobi nsuubira ziba ntono era zitereezebwa mangu.
2. Tunda emigabo, osobola okutundanga emigabo eri abasiga nsimbi. Bajja kuba kitundu ku kabi singa okola sente, bakola sente, bw'olemererwa. Si bantu bangi abasobola okusiga ensimbi mu buntu obtutono obutandika. Okubeera omulambukufu ku ngeri amagoba gye ajja okugabanwa singa wabeerawo amagoba kiyamba okufuna obwesimbu bwabwe. Beera mwegendereza obutatunda migabi gyikka wansi wa bitundu ataano ku buli kikumi bw'oba oyagala okusigaza obwannanyini n'obuyinza.

3. B’okolagana nabo, oba abasiga nsimbi, beera mwegendereza eri b’okolagana nabo abatali bakulisitaayo ku b’okolagana nabo oba koma ku bitundu ataano ataano mu nkolagana yo nabo. Omuntu omu alina okuba nga yeeyeebuzibwako, bwe wabaawo obutakkaanya. Kakasa nti olina engeri y’okugonjoolamu enkaayana ezo bwe kiba kisoboka. Kirina okubeera mu ndagaano. Oyinza okulowooza nti oyinza okutereera nga bw’ogenda, naye ebintu bigwawo ate kirungi okuba n’enteekateeka ennungamu ku kwawukana nga tonnaba na kutandika. Oyinza obutayagala kukolagana n’atali mukkiriza oba omuntu yenna omunyiivu. Naye wayinza okubaawo emitego mingi ddala, abasiga nsimbi abakugu basoboa okuleea ebintu bingi mu bizinesi yo. Kakasa nti ofuna omutuufu.

4. Weewole – banka eyinza okuba mukwano gwo asinga, naye beera mwegendereza obuteewola sente z’otosasule bulungi. Era osobola okwewola okuva ku bantu b’omanyi nga bazadde bo oba abaana bo…lwakuba, beera mwegendereza ! kino kisse emikwano mingi! Teweewola bw’oba tolina nteekateeka ya bizinensi nnungi kye weekakasa nti ejja kukola. Jjukira omwewozi ye muddu w’omuwozi. Bayibuli erabula nnyo ku bbanja.

5. Obusika- bw’oba omaze okufuna obusika, ekyo kirungi! Eby’obusika tobyonoona era bikozese n’amagezi. Bayibuli egamba, eby’obugagga ebifunibwa amangu, “ Byekolerera ebiwaawaatiro”. Mu njogera ennyangu, bisaasaanyizibwa mangu. Kyangu okusaasaanya sente z’otokoleredda kubanga tomanya mugaso guzirimu. Jjukira sente zikiikirira omulimu.

6. Abasiga nsimbi - oluusi bayitibwa “Bannaggwa edda!”. Bano be basiga nsimbi abanoonya ebirowoozo ebinene okubiteekamu sente. Batera okugaba sente nnyingi, naye baagala obuyinza bungi. Weegendeereze okulaba nti

tebatwala bizinensi yo ne badduka nayo! Waliwo emboozi z'abatutumuse, naye beera mugezi era omunyiikivu.

Eky'okukola

Nkola ki ey'okuteeka sente mu bizinensi gy'osinze okwagala era lwaki?

……

……

……

……

……

……..

Oyinza okulowoozaayo engeri endala yonna?

……

……

……

……

……

……..

OLUNAKU OLW'ABIRI MU OMUSANVU OKUTUUKA KU LW'ASATU

Essomo – Ebika byokuteeka sente mu bizinensi " Sente ziva wa?"

Wandiika olupapula lulamba ku bika by'okuteeka sente mu bizinesni. Birungi era bibi ki ebya buli kimu? Eriwa erabika okuba nga eri nnyo ku bayibuli? Waliwo erabika nga teyeekuusa ku bayibuli? Bayibuli erabula ku ngeri zino zonna ez'okuteekamu ensimbi mu bizinensi? Kozesa ennyiriri za bayibuli okuwagira

endowooza zo. Kozesa ensibuko endala ssatu oteeke n'obusange bwazo ku nkomerero y'ekiwandiiko. Olina ennaku ssatu okumaliriza omulimu guno. Ekiwandiiko ekisembayo kirina okuberebwa era ne kikubibwa mu kyapa. Kigatte ku katabo ko singa okola kino nga projekiti y'essomero. Kirina kuba kya miko esatu.

Omulimu omusomesa gw'alina okukebera

Kebera olabe oba empapula z'omulimu ziteereddwa mu fayiro okuva ku lunaku olw'abiri mu omukaaga. Kozesa ekiwandiiko ky'omuyizi wo ekikwata ku nteeka ya sente mu bizinensi. Kino kirina okuba ekiwandiiko ekinnyinnyola ebika by'okuteeka ensimbi mu bizinensi ebirungi n'ebibi ebya buli kimu. Kirina era okulaga bayibuli ky'ebyogerako. Laba omulimu okuva ku lunaku olw'abiri mu omukaaga olabe olukalala lw'ebika by'okuteeka sente mu bizinensi okukuyamba okukitereeza. Bw'oba kino olwa 'credit" mu 'curriculum' kino kirina okuba ekiwandiiko ky'okutereeza, okukubibwa mu kyapa n'okukiwandiika obulungi ku lw'omutindo gw'abaana omulungi. Kirina okuba n'obusange bwa mirundi esatu obukoleddwa obulungi ku nkomerero y'ekiwandiiko. Ku lw'ebisingawo ku mulimu guno, laba essomo ery'abiri mu omusanvu okutuuka ku kw'asatu erinnyonnyoddwa waggulu.

OLUNAKU OLW'ASATU MU OLUMU

Lesson – Ebikwata ku bizinensi , J. P Morgan

Wali obaddeko n'obuyinza obw'enkomeredde? Omuvubuka omuto ku matatu n'enkofiira kigambibwa nti yakolebwa oluvannyuma lwa J.P Morgan! J.P Morgan y'ani? Omu ku basinga nsimbi ow'amaanyi mu biseera byaffe. America teyandibadde ky'eri leero aw'atandibadde J.P. Morgan!

Watya olina ekirowoozo ekinene nga tolina sente? Weetaaga omusiga nsimbi oba bbanka okukuyamba. Okuyita mu lukumi mu lunaana kyenda okutuuka mu mu lukumi mu lwenda kkumi na ssatu ebibiina ebisinga byali bitegekeddwa oba emisingo nga gyiwandiikiddwa (nga yinsuwa), mu kitabo kya J.P. Morgan ne banne ekiyitibwa "Whole or Part". Diiru za bizinensi nyingi zaakolebwa mu kiseera ky'omuzannyo gwa Goofu. Ebiseera by'omuzannyo gwa Goofu, ne Andrew Carnegie ne J.P. Morgan baagula kkampuni ya 'Carnegie Steel' ku bukadde bwa ddoola bina kinaana mu musanvu! Yagikyusa erinnya n'agituuma 'U.S Steel'. Obuguzi buno baabukola tewali bannamateeka oba ndagaano! Osobola okukola bizinensi mu bwangu singa wabeerawo okwesigaŋŋana wakati w'enjuyi ebbiri.

Mu lukimu mu lwenda musanvu, waaliwo obuzibu mu by'enfuna mu America. Banka za New York zaali ziremereddwa nga ziyita abalina amabanja bonna okusasula. (Banka zirina obuyinza okusaba sente ze zaawola mu budde bwonna bwezaagaliddemu- kitiisaamu!) kino kyanditomezza eby'enfuna bya U.S. J.P. Morgan yavaayo n'ayamba gavumenti n'ataasa eby'enfuna. Oluvannyuma lwa kino, 'Federal Reserve' n'etandikibwawo. Teebeereza okubeera ne sente ezimala okubbulula eby'enfuna by'ensi!

Ekisesa ku Morgan kiri nti , kkampuni ye yalina obwannannyini ku kisenge ekimu ku 'Titanic'. Yalina ekisenge ekikye ekyekyama ku yo era yali ateekateeka kusaabalirako naye n'abisazaamu! Wow .

J.P. Morgan ye yasooka mu NewYork okutambuliza ebintu ebisinga ewaka we ku masannyalaze. Yakyagala nnyo okuteeka sente mu Edison. Awatali Mogan n'abalala abamufaanana, kyandibadde kitwala akaseera akawerako okuleeta ekitangaala mu America.

J.P. Morgan yafa ng'agenda mitala wa mayanja mu Rooma mu gw'okusatu nga asatu mu lumu lukumi mu lwenda kkumi n'esatu ku myaka nsanvu mu etaano. Bendera z'ewuubira wakati ku Wall street era akatale k'emigabo k'aggalawo okumala essaawa bbiri nga omubiri gwe guyisibwawo. Amaka ge gaali gabalirirwamu obukadde bwa doola nkaaga mu busatu n'obutundu busatu (nga obuwumbi bwa doola abiri mu butaano leero). Ekifo w'atereka ebisiige nga kibalirirwamu obukadde bwa doola amakumi ataano. Yayambako okutandikawo ekifo ky'ebifaananyi ebisige ekya Metropolitan Museum of Art. Waliwo eky'obugagga kyomuttaka ekyatuumibwa erinnya era ne bakituuma 'Morganite'.

Waliwo pulogulaamu ku mukutu gwa Ttivi oguyitibwa; 'History Channel' eyitibwa,"The Men Who uilt America." Erina obubaka bungi era eyogera ku basajja abaakola ebintu ebisuffu mu America.

Kinnyumira engeri Katonda gy'ateeka ba kagezimunnyo ababiri abayiiya awamu nga Edison, Smart Business nga Rockefeller, n'abasiga nsimbi nga Morgan okuleeta amakolero n'okuvumbula eri America. Katonda yali akola okwongera ku magezi mu biseera ebiyse, nga bayibuli bw'egamba nti, kitwala okwegatta okw'enjawulo okuleeta obuyiiya obwewuunyisa nga obubaddewo mu myaka ekikumi egiyise. Nsigala ntya nnyo.

Eky'okukola

Waliwo ekikwewuunyisizza ku J.P. Morgan? Kiki ky'omulowoozaako?

……

……

……

……

……

……..…

EKIFUNZE KU JP. MORGAN

(EKIFAANANYI KYE)

1837-1913

J.P. Morgan yali musiga nsimbi mu America, Bbanka, muntu omuzira kisa era omukuŋŋaanya w'ebisiige eyeefuga Corporal Finace n'amakolero mu biseera bye. Yali musiga nsimbi eyali ow'amaanyi. Yasiga ensimbi mu kkampuni nnyingi n'azitaasa okugwa. Yagula Carnegie Steel n'agituuma U.S Steel. Morgan yabbulula eby'enfuna bya gavumenti ya U.S mu kiseera ky'okusoberwa ekya lukumi mu lwenda musanvu. Morgan yafiira mu tulo mu Rome, Italy ku myaka nsanvu mu etaano, n'aleka omukisa gwe ne bizinensi ye eri mutabani we John Pierpont 'Jack' Mormgan n'aleka enyumba ye n'etterekero ly'ebitabo eddene eri The Morgan Library ne Meusium mu NEW York. Okwewaayo kwe eri amaanyi n'enkulaakulana byayamba okukyusa bizinensi z'America.

Esomo ly'okuyiga

Okufuna ekikubeezaawo nga osiga mu balala n'okubayamba okukulaakulanakisobola okuleetera amagoba singa kiki n'ani gw'oyina okusigamu.

OLUNAKU OLW'ASATU MU EBBIRI

Essomo – okukozesa obudde n'amagezi

Ekitabo "$100 Start Ups" ekya Chris Guilebeau kyogera ku bantu abatandise bizinensi ne sente entono ddala. Kisinze kuwandiikirwa bantu bakulu, wadde kiraga nti bizinensi osobola okugitandika ne sente entono ennyo. Bizinensi etandika na kirowoozo emirundi egisinga kuzuula kizibu era ofune engeri

y’okukimalawo. Oboolyawo oli mutetenkanya era olina eky’amaguzi ekirungi okutunda. Oluusi olaba obwetaavu bw’obuweereza n’oyamba okubuutuukiriza. Kuuma amaaso go n’obwongo bwo nga buggule. Buli wamu waliwo eby’okukola. Waliwo ebiragibwa bingi ku ttivi nga bimala budde, wadde, waliwo ezimu ezisomesa ku bizinensi. Omulundi oguddako bw’otula wansi okulaba ttivi, gezaako okulaba olulaga olusomesa ku bizinensi.

Eky’okukola

Kola olukalala lwa ‘show’ kkumi ezisomesa ku bizinensi.

1. ……
   ……
2. ……
   ……
3. ……
   ……....
4. ……
   ……
5. ……
   ……
6. ……
   ……
7. ……
   ……

8. ……
……

9. ……
……....

OLUNAKU OLW'AMAKUMI ASATU MU ESSATU

Essomo – ebirowoozo bya bizinensi

Oboolyawo bizinensi zitandika ku kubeera munyiikivu ne sente entono! Ezimu ziraga obwetaavu era ng'otandika okuziwulira. Olina obwetaavu bw'olaba w'oli? Bw'otegeera bizinensi eziyinza okubaawo tomalaayo.

Eky'okukola

Olina ekirowoozo kya bizinensi kyonna? Kiwandiikeko wammanga. Bw'oba tolina kirowoozo, wandiika ku bizinensi ekusanyusa.

……
……
……
……
……
……
……

OLUNAKU OLW'ASATU MU ENNYA

Essomo - ekirowoozo kya bizinensi

Wali olabye ‘Shark Tank?’ Lulaga lulungi nnyo eri asoma ku bizinensi. Ebibuuzo okuva mu bannabizinensi abaami n’abakyala bisobola okukuleetera okulowooza. Saba omusomesa wo olabe oba osobola okulaba show. Londa show n’obuntu abaana bwe baagala. Osobola okusoma ennyo ku bizinensi ku show.

OLUNAKU OLW’ASATU MU ETTAANO

Eky’okukola

Olina ekirowoozo ku kiyiiyiziddwa? Kinnyonnyole mu kiba kimu. Bw’oba tolina kirowooozo ku kiyiiziddwa, kola olukalala ku bisaanyizo by’olowooza nti eky’amaguzi ekirungi bye kyandibadde nakyo.

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……..

Omulimu omusomesa gw’alina okukebera

Buuza ku J.P.Morgan. tunuulira ku mulimu ogukoleddwa. Buuza abayiziz bo oba balina ebirowoozo ku bizinensi gye bandyagadde okutandika. Kubaganya ebirowoozo ku katundu ka Shark Tank abayizi bo ke baalaba.

OLUNAKU OLW'ASATU MU MUKAAGA

Essomo – ebifa ku bizinensi

Madame C.J Walker

Sarah Breedlove-oluvannyuma eyamanyibwa nga Madame C.J Wlaker ye yali omukyala omuMerica eyasooka okufuuka millionaire. Teyayita mu ndowooza nkyamu zokka ku bakyala mu kiseera kino, naye era n'endowooza enkyamu ku bazungu baddugavu! Kino ssaako okusoomoozebwa mu bulamu bwe - kyamufuula eky'okulabirako ekimunyeenya okusobola okusomoka okusoomoozebwa n'obuvumu, amagezi, n'obukozi. Olugero olwaddala era olusuffu.

Yazaalibwa mu lukumi mu lunaana nkaaga mu musanvu era y'omu ku baana omukaaga, sarah ye yli omwana ewaabwe eyasooka okuzaalibwa nga alina eddembe oluvannyumba lw'okulangirira eddembe ly'abakyala. Yafuuka mulekwa ku myaka emito, musanvu. Ng'alina emyaka kkumi, yatandika okukola nga omuweereza-bwali bulamu bugumu n'okusoma tekwali kwangu kufuna eri muzungu muddugavu mu biseera ebyo. Ng'alina emyaka kkumi n'ena yafumbirwa era mu myaka esatu egyaddako yazaala omwana omuwala, Lelia. Bbaawe yafa n'addamu okufumbirwa ogw'okubiri, era n'ayawukana n'abasajja bonna. Yakuuma erinnya lya bba ow'okusatu n'amanyibwa nga Madame C.J. Walker.

Madame C.J. Walker, n'abaddugavu bazungu abalala, baasanga obuzibu bw'endwadde z'ensusu n'okuvaako enviiri. Sabbuuni w'ebiseera ebyo yalimu ekirungo kya 'lye' n'ebirungo ebirala eby'obulabe ebyakosanga ensusu eŋŋonvu

n’enviiri. Yatandika okukolera Annie Melone eyatundanga ebizigo by’enviiri ebya bazungu baddugavu. Yamuyigirako ebikwata ku bizigo by’enviiri n’asalawo okutadika okukola omukululo ogugwe mu bizigo by’enviiri. Yatandika okutunda ebizigo by’enviiri ng’atambula lujji ku lujji, ng’alagirira abakyala engeri y’okulabiriramu enviiri zaabwe. Oluvannyuma, yatandika salon y’enviiri. Bizinensi nga bw’ekula, yatandika essomero erisomesa ku by’okwelongoosa okubangula abatunda ebintu bye, eggezeserezo ly’okunoonyereza, n’ekkolero ery’okufulumya! Yafuga emitendera gyonna bulungi ddala. Yapangisa abakyala bangi okujjuza ebifo ebingi ebyaliwo. Wetwatuukira mu lukumi mu lwenda kkumi na musanvu, yali apangisizza abakala emitwalo ebiri! Baagaziwa okutuuka mu Caribbean nga bagenda lujji ku lujji nga balanga mu magazine ya ‘African American’ ne mumawulire. Omutandisi wa bizinensi omutuufu eyali alina obukugu ku mitendera gyonna nga n’okulanga mw’okutwalidde. Tekisangika kufuna bisaanyizo bino byonna mu muntu omu, naye Madame Walker ye yalina ebitone bingi-obuyiiya, okufulumya, okutegeka okunoonya akatale n’okutunda.

Yali era musomesa. C.J. Walker tageka kkampuni ye ng’asomesa abakozi be amagezi bwa bizinensi. Yatandika ebibiina ebinene n’ebyokubyalo era yategeka enkuŋŋaana z’eby’obusuubuzi ezaasookera ddala eri munnabizinensi omukyala. Yawanga ebirabo eri ba kitunzi be abaasinganga era yalina ekisa ekigabira ba kateeyamba.

Mu lukumi mu lwenda kkumi na mwenda, C.J. Walker yafa obulwadde bw’ensigo. Yalaama ebitunuu bibiri bya kusatu eby’amagoba ge okugenda eri ba kateeyamba. Yatwalibwanga omukyala eyasooka okufuuka Millionaire. Mu doola za leero, naye yali azitowa nga obukadde munaana we yafiira.

Eky’okukola

C.J.Walker kya kulabirako kirungi ku kukola ennyo n'okwebangula. Yali naye mugabi era eyayamba abalala nabo okukulaakulana. Soma ebisingawo ye mukiwandiko kino era omenye ensonga bbiri lwaki olowooza yakulaakulana: http// time.com/3641122/sarh-breedlove-walker/

.

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……..

OLUNAKU OLW'ASATU MU OMUSANVU

Essomo – Okuwumbawumba ku C.J.Walker

Wandiika ekiba ng'ofunza by'oyize ku Madame C.J.Walke. Kiki eky'enjawulo ekyamulikoo? Buzibu ki bwe yasomoka okusobola okukulaakulana? Kiki ky'osinga okumwegombako?

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

EKIFUNZE KU MADAM CJ. WALKER

(EKIFAANANYI 1867-1919)

Sarah Walker yazaalibwa mu maka agaali gavudde mu buddu emyaka etaano oluvannyuma lw'okuzaalibwa kwe. Yazaalibwa mu kayumba akabi, naye yafiira mu galikwoleka eyiye mu kimu ku bitundu ebigagga mu New York. Sarah yatandika nga omukyala ayoza engoye, naye yeeyagaliza ekisinga ne muwala we era yawunzika afunye ebirungo by'ebizigo by'enviiri. Yakozesa buli nnusu gye yafuna okulanga, era n'akolagana n'abalina ebirowoozo ebirungi abeebiseera ebyo okulaakulana. Okukola ennyo n'ekirooto kye eky'okuyamba bazungu baddugavu kyaleetera kkampuni ye okuyamba abakyala abangi okwerooloola ensi okutandika kkampuni ezaabwe n'okukulaakulana mu bulamu bwabwe. Madame CJ. Walker yali muntu akola emikwano omugezi ennyo., omukozi, era omuzira kisa omujjumbize eri ebyetaago bya bazungu baddugavu. Yagaba enkumi n'enkumi za ddoola eri zi university. Ekibiina kya YMCA, ekibiina ekirwanyisa okusosola ba

muzungu muddugavu n'abantu ssekinnoomu. Madam, nga bwe yayagalanga okumuyita, yalina okwagala okw'amaanyi okw'okusomesa abalala okweyambayamba era yayamba bikumi okwetooloola ensi. Amaanyi ge gaamufuula muzungu muddugvu asinga obugagga mu biseera bye.

Essomo ly'okuyiga

Embeera embi esobola okukuwa amaanyi okuvvuunuka, okuwangula n'okuyamba abalala.

OLUNAKU OLW'ASATU MU OMUNAANA

Essomo – abakyala bannabizinsi mu bayibuli

Okuva mu Labbeeka, eyayatiikirira olw'okukkiriza okufukirira eŋŋamiya z'omuntu omulala, okutuuka ku 'Lydia', atunda 'dye' ebbali w'ennyanja-bayibuli ejjuddemu by'akulabirako by'abakyala ab'amaanyi. Tulaba abakyala mu bayibuli nga beerabiririra amaka gaabwe, bafuga Israeri, bataasa abantu ba Katonda, balagula, bayamba ab'oluganda, baweereza, basomesa, n'ebirala bingi. Okuva edda, abakyala babadde balinnyibwako n'okubakuumira emabega, naye Yeesu n'akyusa embeera bwe yayogera n'omusamalia (eyali tawulirwangako mu lunaku olwo). Yawa abakazi ekikiibwa- mpolampola n'anyiigira Martha bwe yagamba nti abakyala tebayina kusoma naye okukola mu kiyungu. Abakyala be baasooka okulaba Yeesu ng'azuukidde okuva mu ntaana era abakyala baakola omulimu munene mu kubunyisa engiri mu nsi yonna. Wakimanyaako nti omwebulaniya

‘ezer’ mu kuva 2:18 kivvuunula bulungi nga ‘amaanyi’ sso si buteeyamba? Weetunuulire. Kirina kukyusibwa nga tugamba nti ‘Amaanyi’ agakwatagana naye.

Bwe tutunula mu **Ngero 31**, tulaba omukyala ow’amaanyi ataddukanya maka ge gokka, naye era akwasaganya abaddu, agula ebibanja, asimba emizabbibu, n’okutunda kyakala-byonna ku bizinensi. Bino byonna ng’obitadde ebbali, muirakisa, mugezi, wa kisa ate ali ku mulembe! Abaana be ne bba bamwagala. Tewali kubuusabuusa nti Katonda aggenderera bakyala okwetaba mu bizinensi bwe baba bakyagadde. Abakyala balina okuyisibwa mu kitiibwa n’obwenkanya ku mirimu-jjukira kino nga olina omulimu ogugwo!

Eky’okukola

Koppolola Engero 31:10-31

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW'ASATU MU OMWENDA

Essomo – Okutunda kikulu nnyo mu bizinensi

Okutunda- kikulu nnyo eri bizinensi!

CJ. Walker yakozesa akakodyo k'okutunda akafaanagana ku ka Avon, Marry Kay ne Tupperware. Kampuni za Marry zikuze nga zikozesa enkola eno. Naye kkampuni ezimu zisiima bulungi abazitundira ebintu ennyingi tezikikola. Okutunda magezi agayina okuyigibwa ng'oteekateeka okutandika bizinensi, kya mugaso nnyo oyige engeri y'okutundamu oba ofune omuntu akikola.

Awatali kutunda, bizinensi egwa. Newankubadde , okumanya mmeka z'ogenda okuteeka mu by'ogenda okutunda magezi. "Kyetaagisa sente okukola sente" njogera ya bulijjo mu bizinensi. Nannyini bizinensi alina okukola ekisinga okumanya sente mmeka z'ateeka mu kugula era z'ateekamu zikola zitya? Ebiseera ebisinga, tekyetaagisa kumanya mmeka z'osaasaanya, naye bw'oba otuuka ku bantu abatuufu. Mu bizinensi yaffe eya 'software', bwe twali twakatandika okulanga bizinensi, twali tusooba nnyo. Twali tetulina kirowoozo ku ngeri gye tuyinza kunoonyeza katale Software ewali kkampuni ezisaawa enzigya. Kino kyaliwo nga Facebook tennaggya n'emikutu emigatta bantu emirala. Olwo magazine ku Green Industry (ekyo kkampuni ezirongoosa enzigya kye ziyitibwa) n'etuwa akalango ak'obwerereere. Olunaku akalango kaffe lwe kaakuba enguudo, amasimu gaffe lwe gaatandika okuvuga nga tewali mutawaana.! Twebaza katonda okutulaga ekkubo lino. Okutunda kweyongera! Bizinensi yakula nga bakasitoma baagala bubi nnyo software! Twali kya kuddamu eri essaala zaabwe. Butereevu nga buli omu afunamu kyenkanyi ku ffe nabo. Nga bw'olwana okuktunda eky'amaguzi kyo, noonyereza nga bw'ogezaako engeri ez'enjawulo okukifunira akatale. Beera nga omanyi kiki ekikola na kiki ekitakola. Eky'amaguzi kyo bwe

kiba kyetaagibwa era kyagalibwa, olina okuba nga osobola okufuna engeri gy'okitundamu. Jjukira okukozesa omukisa gw'emikutu emigatta bantu. Ngeri etali ya buseere ey'okulanga etuzzaayo ku kakodyo akangu ennyo ek'okwogera n'omumwa. Singa abantu baagala eky'amaguzi kyo,bajja kugamba ku balala-kyangu bwe kityo. Yongera okusoma n'okwebangula ku mitendera gy'okutunda era ogattemu ne byoyiga okuyamba bizinensi yo okukula.

Genda ku mukutu YouTube owulirize Zig Ziglar. Musajja kitunzi wa maanyi era alina obukugu bw'okutunda obulungi. Awandiise ebitabo bingi era alina Emikutu gya YouTube egiwerako. Obukodyo bw'okutunda akamu ku bwo ka ssaawa bbiri obuwanvu! Kano wammanga ka ddakiika ntono era ka ddakiika nnya era akuwaako ebyangu ku byasomesa. Bw'oba oyagala okwesomesa ku ngeri ennyingi ez'okutunda, gula ekimu ku bitabo bye oba owulirize ku masomo ge amawanvu ko ku YouTube.era oyinza okunoonya ku kibanja kya Google "YouTube Zig Ziglar sales training" okuzuula omuyungo guno wammanga teweetaga kuwandiikamu muyungo gwonna.

Eky'okukola

h t t p / / v i d e o . s e a r c h y a h o o . c o m / y h s / s e a r c h ? f r = a d k - sbnt&hspat=adk&&p=zig+ziglar+youtube+training#id=1&vid=378de4728fd7f58a63a377ddod58201&action=click

Wuliriza omuyungo ogwo waggulu. Nsonga ki ettaano omuntu w'atayinza oba okukugulako?

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW’ANA.

Essomo- kitunzi akulaakulanye

Ba kitunzi balina erinnya. Oboolyawo obadde n’abazadde bo nga banguwa okwogera nti, ‘nsonyiwaamu, saagala’ ne baggyako ne ssimu. BuLi omu tayagala kukonkonwa ku luggi aggulirewo kitunzi. Tuba ku bwerende ng’omuntu agezaako okutuguza ekintu. Olumu, tulina ensonga ennungi okubeera-waliwo obutabanguko bungi wabweru eyo. Naye eky’amaguzi bwe kiba ekirungi? Watya kye kintu eky’omugaso gy’oli? Bantu bameka abatalina Tupperware mu nju zaabwe?

Bakitunzi ddala ba mugaso. Be bamu abategeeza ensi ku by'amaguzi ebisuffu ebiriwo. We batali , bizinensi eyinza okusanga akaseera akazibu okutuguza eky'amaguzi kyayo!

Kiki ekikola kitunzi omulugi? Kive mu mutwe gwo, wandiika ebirowoozo ebiwera wammanga.

……

……

……

……

……

……

……

……

Ndowooza wawandiise mazima. Kitunzi alina okuba n'amazima. Bwe neekengera obulimba nga njogera ne kitunzi, kiba kisusse nyo gyendi. Bwe mba sibeesiga, mba saagala kukola nabo bizinensi.

Okwagala eky'amaguzi kyabwe kye kisaanyizo kya kitunzi omulungi. Balina okuba abasanyufu n'okukkiririza mu ky'amaguzi kyabwe. Amaaso gaabwe galina okutangaala n'amaloboozi gaabwe galina okulaga okukiririza mu ky'amaguzi kyabwe.

Balina okuba nga bamanyi kinene ku mbeera zonna ez'ekymaguzi. Kinnyiiriza ddaala bwe mbuuza ku ky'amaguzi nga kitunzi talina kya kuddamu. Nyinza okubeesiga nga tebamanyi na kye batunda.?

Kitunzi talina kutunda kintu kye sseetaaga. Balina okummanya obulungi okusobola okubagamba oba n'akozesa eky'amaguzi kyabwe oba nja kubaggyamu

obwesige. Omuntu atunda camera tagenda kutuuka wala nnyo kuba abayonoona bwaffe ffembi. Bw'oba olina ky'otunda, olina okuteeba abantu abalina obwetaavu bw'ekintu ky'otunda.

Olina okubeera n'ekyamaguzi kyokkiririzaamu era eky'omugaso eri ekitundu. Waliwo kasasiro mungi wabweru eyo. Kwonoona bintu. Waliwo ebitu bingi ebireeta obulabe ku bwongo bw'omuntu n'omubiri. Waliwo eby'amaguzi ebitasaana sente ze bigula. Waliwo eby'amaguzi ebirina omutindo omubi. Totunda bino. Ekintu ky'oyinza okukkiririzaamu.

Okufaayo ku bakasitoma bo kikulu nnyo mu kutunda. Naye otawaanya butawaanya bantu. Olina okuyambira ddala abantu n'omutima gumu. Abantu banyuma. Omuntu y'omu asobola okuba ow'enjawulo ennaku ez'enjawulo. Balina bye baagala bingi ne bayaayaanira. Tolimanya muntu ky'ayitamu. Bayinza okuba bayita mu kaseera akazibu ng'onyumyamu n'omuntu mu ssanyu kiyinza okusitula emyoyo gyabwe n'oktutereeza olunaku lwabwe. Omulimu gw'obwakitunzi gwe gumu ku egyinyuma kubanga gukwasaganya na bantu ate abantu ba njawulo ate bakyukakyuka. Kitunzi yeetaaga okufaayo eri abantu n'okukwatagana nabo. Gano magezi ate era ekitone okufaayo, okufiirayo ddala. Wayinza okubaawo akaseera kitunzi ng'ayina ky'atunda, n'akizuula nti omuntu yeetaaga kumuwuliriza. Jjukira okwagala omuntu ali mu maaso go. Kitunzi talina kugezaako kutunda ky'amaguzi eri omuntu atalina busobozi bukigula oba atakyetaaga. Talina kuyuza muntu yenna. Okuzimba enkolagana n'abantu, okuzuula kye beetaaga n'okubibawa mu ngeri ey'okufaayo ensi kye yeetaaga mu kitunzi.

Eky'okukola

Wamenyeeyo ebimu ku bisaanyizo bwe wabadde owandiika ebirowoozo byo? Osobola okulowoozaako ku ndala zonna? Ziwandiike wano wammanga.

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

Omulimu omusomesa gw'alina okukebera

Tunuulira ekiba ku Madame CJ. Walker. Kebera eby'okuddamu ku Zig Ziglar by'ayogera. Kebera oba bakkoppolodde Enegero 31:12-31 okuva mu ssomo ery'asatu mu omunaana.

OLUNAKU OLW'ANA MU OGUMU

Essomo – Enkola

Obudde bungi n'amaanyi biteekebwa mu bizinensi okusobola okutereeza entambula y'emirimu-mu kukola ebintu n'okukwasanganya zi woofiisi. Bakimanyi nti enkola gye zikoma okutambula obulungi, ge magoba ge bajja okuba nago. Okukwataganira awamu kye baagezaako ku kino. Ebiro bino, kkampuni zirabika okuba n'ebifo eby'enjawulo eby'amaguzi we biteekebwa, oboolyawo ku kigaali. Okusoma engeri bizinensi ez'enjawulo gye ziddukanyyaamu emirimu gy'azo kisobola okukuyamba okutereeza ebibyo.

Bba wange yazimba enkola mu magezi ge okuyita mu kusoberwa. Abakozi bateranga okujja gyali nga bamubuuza ekibuuzo kye kimu buli kaseera. Guyinza okuba omwezi okutendeka omuntu akwasaganya software. Lumu, yasalawo agonjoole omutawaana gwe. Yaggalawo olujji lwa woofiisi ye n'akkakkana. Obwongo bukola butya? Ayinza atya okutereeza obubaka? Yajja n'ekirowoozo ky'okukola software ayitibwa "Know-it-All. Nkola ya 'Database' nyangu mw'oyinza okukola eyiyo nga otaddemu ebigabo ebikulu mu bubaka. Omukozi bweyabeeranga n'ekibuuzo, bba wange teyakiddangamu wabula okumulagira agende mu pulogulamu ya 'Know-it-all'. Yasobola okutereka obubaka bungi ddala mu pulogulaamu eno eya 'Know-it-all', obubaka ku masimu, amasomo ge yasomesa, ebiragiro, eby'okuddamu ku bibuuzo bya bakasitoma, emiyungo gy'ebibanja by'omutimbagano, paasiwaadi, ebiwandiiko, buli kimu kye yayagala okujjukira. Yayagala kukozesa bigambo bye munda era nga asobola okufuna ekiwandiiko, obubaka oba obutambi bweyayagalanga. Mu bwangu ajja kupangisa omuntu ayambako omulala, amutuuze wansi amusomese bwe bakozesa 'Know-it-all' era mu ssaawa ntono ajja kuba wa mugaso. Kyali kisuffu. Twafuna emirimu mingi ddala egyakolebwa abantu abatono. Bba wange ayagala ekitabo "E-Myth" ekya Micheal Gerber, ne Know-it-all, yasobola okuddira ebyogerwako mu katabo n'abissa mu nkola. Kati kkampuni yaffe etambula bulungi., n'ebibuuzo

biddibwamu. Funa enkola gy'osobola okukozesa era ojja okulaba enjawulo gy'esobola okukola.

Japan yateekawo enkola y'okukola ebintu okuziyiza okwonnoona n'okwongera ku ntambula y'ebyamaguzi. Ekigambo "Lean manufacturing" yaleetebwa John Krafcik mu kiwandiiko kye kukukola ebintu. Emitendera egyo kati gyikozesebwa kkampuni nnyingi ezikola ebintu mu U.S.

Singa buli kiseera obeera mu kifo ky'okukola ebintu, ojja kwetaaga okusoma kun kola eno okwongeza ku magoba n'okwewala okwoona.

Eky'okukola

Ddamu ebibuuzo bino wammanga. Otegeka otya obubaka bwo? Kyangu kyenkanaki okubukozesa?

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

……

OLUNAKU OLW'ANA MU EBBIRI

Essomo – John Willard Marriot

Ku myaka emito, John Marriott yasomesebwa okubeera omukozi era omunyiikivu. Bwe yali nga alina kkumi n'ena gyokka, yaweebwa omulimu ogw'okubeera kalabaalaba w'okutambuza endiga enkumi ssatu ku luguudo lw'eggaali y'omukka. Bwe yali wa myaka kkumi na mwenda, yagenda okukola omulimu gw'obuminsani (ng'omu Mormon buli mulenzi omuto yali yeetaagibwa okukola emyaka ebiri) mu New York. Nga adda eka, yalekeraawo okulaba ekibuga Washington DC. Lwali lunaku olw'ebbugumu era n'akimanya nti ebigaali by'ebyokunywa bijja kutunda mangu ddala. Yalaba omukisa omunene ogweggudde okuweereza abantu abangi. Yagula ekkuŋŋaanyirizo ly'ebintu erya A&W. nkakasa kino kyamusomesa bingi ku nkola n'engeri y'okutambuzaamu ekirabo ky'emmere. Yalina obutebe mwenda bwokka, naye yali ntandikwa eyamutuusa ku bw'aguuga bw'ekirabo ky'emmere, okutunda emmere mu nnyonyi ne zi wooeeri.

Marriott yali yatamiira omutindo era mu myaka egy'ekulungula, wooteri endala zaali zitubira ku lw'omutindo gwazo, Marriot ye yali asobola okutwala obuvunaanyizibwa obwawaggulu mu kisaawe kino. Ne bwe yandibadde alina wooteeri n'ebirabo by'emmere ebiri mu bikumi, yali yakolera ekifo w'okulambula buli emu emirundi ena omwaka!

Yali yeegedereza nnyo okusanyusa abakozi be. Singa baabeeranga abalwadde, yabalambulanga, bwe baabeeranga mu buzibu, yabayambanga. Yakkirizanga nti abakozi abasanyufu basanyusa ba kasitoma. Ekivaamu, abakozi be baali beesimbu era abeewaayo gy'ali nga amaka.

Waliwo essomo ddene er'okuyiga ku Mr. Marriott:

Amaaso ge gaali maggufu ku mikisa

Yayigira ku nkola ya kuŋŋaanyizo lya bintu n'agenda mu maso okuzimba wooteeri eyiye.

Yakozesa omukisa okugaziwa awo w'alaba omukisa.

Yafaayo eri abakozi be.

Yali munyiikivu okukuuma omutindo nga guli waggulu.

Bw'oba osikiriziddwa mu bizinensi ya wooteeri, nkukubiriza okwongera okumusomako.

EKIFUNZE: JOHN MARRIOTT

(EKIFAANANYI KYE 1900-1985)

Yali mu Merica omutandisi wa bizinensi era omusuububuzi. Ye yatandika 'Mariott Corporatio, parente company' emu ku zisinga okubudaabuda mu nsi yonna, olujegere lwa ziwooteeri n'ebirabo by'emmere. Kkampuni ya Marriott yakula okuva mu kafo k'ebyokunywa mu Washington D.C. Mu lukumi mu lwenda abiri mu musanvu okutuuka ku lujegere lw'ebirabo by'emmere weyatuukira mu lukumi mu lwenda asatu mu ebiri okutuuka ku 'motel' eyasooka mu lukumi mu lwenda ataano mu musanvu. Akaseera ke yafiiramu, Kkampuni ya Marriotte yali eddukanya ebirabo by'emmere lukumi mu bina ne ziwooteeri kikumi mu ana n'ebifo ebiwummulirwamu okwetooloola ensi, omuli 'Theme Park' bbiri, ezaafunanga doola obuwumbi buna n'obutundu butaano mu musolo buli mwaka n'abakozi emitwalo kkumi n'etaano mu kakaaga. Ekigendererwa kya kkampuni kyagaziwa okutuuka ku 'Line of Cruise Ships' ne 'Theme park'.

Essomo ly'okuyiga

Osobola okutandika bizinensi mpola mpola okuva wansi okutuuka waggulu. Okubeerawo n'ekola mu kifo kiyamba bizinensi okutambula obulungi ekigiyamba okukula. Yisa bulungi abakozi bo-Mr. Marriott yagamba; "singa abakozi bo baba basanyufu, bakasitoma nabo bajja kuba basanyufu". Marriott yakuuma omutindo nga anyiikira okulambula kkampuni ze.

OLUNAKU OLW'ASATU MU ESSATU

Essomo – Olina enteekateeka?

Bizinensi ezimu zitandikira mu butonde-omuntu okukusaba okulabirira abaana oba okutambuza embwa zaabwe. Bikuweebwa mu bukole. Ebirala bitwala ebirowoozo bingi n'enteekateeka. Bba wange yabuuzibwa omusajja eyatandika bizinensi y'okusiika emmwanyi. Yali asize ensimbi eziwera mu kuuma akasiika emmwanyi. Naye waaliwo ekizibu ekinene. Teyalina baguzi. Yali akoze nnyo okulaba engeri gy'ayinza okugulamu n'okukusiika emmwanyi, yasiga mu byuma ebisingayo obulungi, naye yali tafunye b'ani baagenda okubiguza!

Waliwo bingi eby'okulowoozaako bw'oba otandika bizinensi. Eyinza okulabika nga ekusukkulumyeko. Ekkubo erimu abangi lye bakwata kwe kugula ekkuŋŋaanyizo ly'ebintu. Ekkuŋŋaanyizo ly'ebintu liyinza okukuyigiriza okuddukanya bizinensi. Bakusomesa ku nkola ze bataddewo ne kikuwa

eky'okukola. Bulijjo,bakuwa eby'okukozesa bye weetaaga okulanga n'obuyiiya obulala bw'oyinza okw'etaaga. Amakungaanyirizo g'ebintu agamu ga bbeeyi, naye agamu gatereekeka.

Waliwo amakuŋŋaanyizo g'ebintu mangi-si na birabo bya mmere byokka. Enkuŋŋaana ennene zibeerawo gy'oyinza okugenda n'ozuula ku bikwata ku makuŋŋaanyizo g'ebintu. Balina amasomo ge basomesa ku ngeri y'okutandikamu Frankisa oba okugulayo emu. New York ne Dallas babaddeyo n'enkungaana ez'amaanyi. Kikumanyisa bingi bw'otambulatambula era olabe ne Frankisa ez'enjawulo eziriwo. Nagenda era neewuunya okulaba Frankisa ez'enjawulo ezaaliwo. Bw'osikirizibwa okugula Frankisa, beera mwekakafu okubeera omunyiikivu. Olina okwetegerza emiwendo okulaba oba bye bakugamba bituufu. Tunuulira akawunta zaabwe. Yogera n'abalala abaguzeeko mu Frankisa. Noonyereza kkampuni. Obulango bwabwe ku mikutu emigatta bantu bufaanana butya? Abalala baboogerako ki? Gezaako okukola era otereke sente z'oyagala okugula Frankisa, kale bwe kigaana oba bw'otoba, tojja kubeera mu mabanja.

Eky'okukola – genda ku mutimbagano onoonyereze ku Frankisa. Ddamu ebibuuzo bino;

Wandiika ebika bya Frankisa eby'enjawulo.

……

……

……

…….

Tunuulira emu ku Frankisa z’ozudde. Kyetaagisa sente meka okugula Frankisa eno?

……
……
……
…….

Bisaanyizo ki bye weetaaga okusobola okugula mu Frankisa?

……
……
……
……
……..

OLUNAKU OLW’ANA MU NNYA.

Essomo –okugaziwa

Okugaziwa bwe busozi bw’okukuza kkampuni yo. Njogedde nnyo ku nkola. Bw’oba olina enkola ennungi mu kifo nga kkampuni yo esobola okutambula obulungi, era mu ngeri ennungi ne bw’obeera toliiwo, oli mu kifo kirungi okukula. Okusobola okukuza kkapuni yo, olina okuba n’enkola y’okukwatamu abaguzi, abasuubuzi, okufuga abakozi, eby’enfuna, enkola z’okulanga, ez’okutunda, n’ekola y’okumanyisa n’okukuuma obubaka. Okusinziira ku kika kya kkampuni ky’olina, enkola gye weetaaga eyinza okukyusa. Nnyangu okutuukako? Buli muntu amanyi wa ew’okusanga obubaka? Waliwo emisomo egyiyamba

okusomesa? Kisobola okutwala akaseera akanene okuteekawo enkola y'okutambuzaamu ebintu era kirabikanga ekitakuyamba bizinensi yo bw'ebeera entono. Naye, bw'oba oyagala okukula, oba okufuna abalala okutambuza bizinensi yo, obudde buteeke mu kuzimba enkola y'okutambuza ebintu eneekola. Bizinensi erina enkola etambuza emirimu, nyangu okutunda bw'oba osazeewo. Kya mugaso okuba n'enkola ey'okubala ebitabo olwo osobole mangu okumanya oba okola sente oba ofiirwa!

Bizinensi ezimu zikula mangu nnyo okusinga endala. Bw'oba oli musiizi wa bifaananyi, okutunda ebisiige byo kimu ku kimu kisobola okubeera ekizibu yadde si kizibu kugaziwa. Oyinza okwagala bizinensi entono ewa ebingi, oyinza okuba toyagala kukula. Kusalawo kwo okumnya bizinensi yo oyagala egejje kwenkana wa. Ne bwe kiba kityo, okubeera n'enkola efuga etambuza ya bizinensi yo kya mugaso nnyo era kitaasa okwonoona obudde.

Tulabye engeri Edison,Marriot,Madame CJ. Walker, ne Asa Candler bwe baakuza bizinensi zaabwe. Waliwo bingi eby'okuyigira ku balala. Soma kw'abo abaakusooka, yigira ku nsobi zaabwe. Buuza ebibuuzo, soma ebitabo. Gezaako olemererwe era oyigire ku nsobi zo. Engeri ennungi ey'okuyiga kwe kukola. Yingira mu bizinensi era olabe engeri gy'oyinza okugatta ebitone byo kubweereza ku nsi kuno.

Omulimu omusomesa gw'alina okukebera

Tunuula ku by'okuddamu by'essomo lya ssabbiiti. Buuza abayizi ku kye balowooza ku Frankisa. Bandiyagadde okugulayo emu oba bandiyagadde kutandika bizinensi zaabwe?

OLUNAKU OLW'ANA MU ETTAANO

Essomo – Obugambo obusembayo

obulamu buyinza okuba obuzibu. Ebintu ebitiisa bisobola okubaawo. Bayibuli etugamba nti sitaani y'empologoma ekaaba ng'enoonya gw'enaalya. Abantu basobola okubeera ab'obutwa era ababi. Mmange yandekawo nga nnina emyaka etaano, mbadde n'abantu ab'obulabe mu bulamu bwange. Nalina kkookolo emirundi ebiri, (neebaza nti yanzigyibwamu na kulongoosebwa), nina n'endwadde etalabikalabika. Kyangu okwewuunya ngeri katonda gy'aleka ekibi okufuga. Wadde tetusobola kutegeera bulu kimu, Katonda atugamba nti Adam yalina eddembeokukola nga bweyayagalanga. Yalondawokugoberera kibi, n'aleeta ekibi mu nsi eri abantu bonna. Omuntu malinga ekibi kubanga kye yalonda okuba. Naye, waliwo okusuubira nti katonda ajja kununula ensi n'eabo abaagala okubeera mu ggulu naye bajja kwetaaga okukkiririza mu Yeesu era basabe okulokolebwa. Waliwo obuyinike ku ntandikwa ne ku nkomerero. Waliwo ekitangaala mu kibangirize. Kumiikiriza, Katonda ajja kukuyamba. Soma ekigambo kye, mwesige era omugoberere. Tewali munuzi mulala. Tewali amwenkana, Yeesu Mukakam.

Soma ebitabo bino,

Bw'oba oyagala bizinensi, funa ekimu ku bitabo bino otandike okukisoma! Bw'oba oyagala okwongerako ku musomo guno, osobola okusoma akatabo era owandiike by'okasomyemu osiimibwe. Bw'onoonya ekimu ku bitabo bino ku Amazon, ojja kuzuula ebikifaanana bingi.

By'abasomi abato:

T**he Go Giver**

Kya Bob ne Mann Burg: Kino kye kitabo eky'ogera ku kugabamu bizinensi. Kiri mu ngeri ya lugero era kiyigiriza okukyusa essira lyo mu bizinensi okuva

mukugaba. Bw'oba wakola omusomoguno, olina kuba nga wasomye dda ekitabo kino.

The Toothpaste Millionaire:

Kya Jean Merill. Luno lugero olw'obuliba ku mulenzi atandika bizinensi. Kiraga emitendera n'obuzibu mu kuzimba bizinensi. Lugero olunyumira abaana abato abasomi.

Common Sense BusinessforKids:

Kya Kathryn Daniels ne Jane A. Williams . Ekitabo kino kisomesa ku bikulu ku Bizinensi.

Cheaper by the Dozen

Kano katabo kya Lugero akoogera ku kakensa mu kwekenneenya entabula y'ebintu n'engeri gye yakuzaamu abaana be. Tekiri ku bzzinensi, naye era osobola okubaako by'oyigamu ebikwata ku bitongole. . era akatabo akakwata ku maka.

Bya basomi abakulu:

The $100 startup:Reinvent the Way You Make a Living, Do What You Love,andCreate a New Future.

Kya Chris Guilebeau. Kino kyogera ku ngeri ez'enjawulo abantu ze batandiseemu bizinensi zaabwe nga batandika ne sente entono ddala. Eky'omukisa omubi, kirinamu olulimi olumu olulungi, kale funa olukusa okuva mu bazadde bo.

Thou Shalt Prosper: Ten Commandments for Making Money

Kya Robbi Daniel Rapin. Kisomesa ku mateeka ga bizinensi okuva mu bayibuli . Kanyuma nnyo, nkakulagiraokaspme.

Rich Dad, PoorDad: What the Rich Teach Their Kids About Money that the Poorand Middle Class Do Not!

Kya Robert Kiyosaki. Kino kye kitabo ekinyumya olugero lwa Kiyosaki n'engeri gye yafunamu obugagga mu kugula n'okutunda ettaka. Kimanyiddwa bulungi ate era kimanyifu. Atunda omuzannyo okusomesa amateeka ga bizinesni. Asomesa nnyo ku kusiga n'okufuna eby'obugagga ebiwangaazi.

Flip and Grow Rich: The Heart and Mind ofReal Estate Investing

Kya Amando Montelongo. Amando alina pulogulaamu ku ttivi n'omusomo ku kugula enju ezitundibwa. Bw'oba oyagala nju zitundibwa olw'obuzibu, kino kitabo kirungi okutandika okwesomesa!

Lawn Maintainace and the Baeutiful Business: How to Start, Run andSucceedin the Lawn Maintainance Business,

Kya Dave Tucker. Bw'oba oyagala okutandika bizinensi y'okulongoosa enzigya, kino ekitabo kikyo!kyawandiikibwa bbawange! Ng'akola mu kusaawa nzigya n'okutundaSoftware eri bannanyini makampuni agasaawa enziggya nkumi na nkumi kiwaddeDaveamagezi mangi mu mulimu gw'okusaawa enzigya.era yawandiika akato ku mulimu. Osobola okubisanga ku Amazon.

The Power of Habit: Why Do We DoWhat We Do in Life and Business

Kya Charles Duhigg. Kitabo kinyuma nnyo ekikwata ku maanyi g'omuze n'engeri y'okuguleetera okukukolera. Kyogera ku kukolzesa amaanyi g'omuze okutunda n'ebintu ebirala ebinyuma eby'okuyiga ku ku bantu.

The Total Money Makeover

Kya Dave Ramsey. Wetaaga okumanya engeri y'okubaliriramu sente nga tonnakola kintu kyonna. Dove Ramsey ajja kukusomesa ebikulu ku kufuga sente.

Eddaala lyeku mu kwetayiza mu sente ligwanira okukkirizasinga wali obadde obaddeko n'omukisa. Alina show kulaadiyo. Www.daveramsey.com. Mulokole era asomesa amateeka ga bayibuli ku sente.

Who Moved My Cheese?

Kya Spencer Johnson. Waliwo oludda lw'abavubuka n'abaana. Ekitabo kino kikwata ku kulaba enkyukakyuka nga ekinyumu- so si ntiisa. Katonda mirundi mingi aleeta ebirungi okuva mu kasambattuko. Naye ekitabo kino si kya bulokole, kirina amazima mangi ku era kirungi okusoma.

7 Habits of Highly Effective People

Kya Stephen Covey. Kino kye kitabo ekisinga okutunda ekikwata ku nneeyisa gy'oyina okkweyisaamu! Waliwo ekimu era eky'abavubuka!

Speed of Trust

Kya Steve Covey Jr. Camegie yatunda kkampuni ye ey'ebyuma ku buwumbi nga bya kwesika bwesisi mu mukono – tewali ndagaano oba bannamateeka! Kino kye kitabo ekyamaanyi ekyogera ku ngeri obwesigwa mu bantu gye buyinza okuleetera bizinensi okutambula obulungi era ku misinde emingi.

One Minute Manager

Kya Keneth Blanchard. Oyinza okukulembera mu bwangu ate obulungi. Akatabo akatono naye nga kalungi.

BIKOMYE WANO